# Lwaki Okaaba? Yogera!
Jeffersonville, Indiana, USA
Julaayi 14, 1963

1 Mukama Abawe omukisa! Leka tusigala nga tuyimiriddeko akaseera katono, nga bwe tukotese emitwe gyaffe. Waliyo eky'okusabira eky'enjawulo? Bw'oba okirina, leka kimanyibwe nga bw'owanika omukono gwo eri Katonda ogambe nti, "Mukama Omanyi ekyetaago kyange."

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, mazima ffe, tuli bantu abalina omukisa okubeera wano enkya ya leero, okuba nga tukuŋŋaanye mu nnyumba ya Katonda, nga tumanyi nti waliwo bangi abababadde baagala okubeera wano mu nnyumba ya Mukama enkya ya leero, bali ku bitanda nga balwadde mu malwaliro ne muka gaabwe. Ggwe otuwadde omukisa guno okubeera wano leero. Era Mukama tetuzze wano kulabagana, wadde nga twagalana mu kussa ekimu kwaffe ng'ab'oluganda; ekyo twandibadde tukikoze nga twesanga mu maka gaffe. Wabula tuzze okukuŋŋaana n'Oyo atukuŋŋaanyizza wano, ng'abaana abaagalwa ate era ab'oluganda.

Kaakati tukwebaza Gwe. Era engeri yokka gye tumanyi entuufu ey'okukuŋŋaanako Naawe, wali wamu wokka, ku Kigambo Kyo. Ekigambo Kyo ge Mazima. Tukuŋŋaanye olw'okufuna amaanyi g'Omwoyo. Mukama, tugetaaga. Tuteekwa okuba n'amaanyi okusobola okwettikka emisaalaba egyo gye tulina. Kale, tusaba nti Onootuma Omwoyo Omutukuvu ow'amaanyi leero, era fenna Ajja kutuzzaamu amaanyi. Kkiriza eby'okusabira by'abantu Bo nga bwe bakuŋŋaanye era nga bawanise emikono gyabwe gy'Oli olw'obwetaavu obwo bwe balina.

3 Tukwebaza Ggwe olw'okulekawo obulamu bwa Mwannyinaffe Ungren ekiro ekyayise, mu kabenje akaabadde ku luguudo engulu eyo. Wabadde wa kisa gye bali, Mukama kyetuva tukwebaza olw'ekyo. Kitaffe ow'omu Ggulu, era kaakati tusaba, nti Ojja kugenda mu maaso okubeera awamu naffe, era otuyambe nga bwe tweyongerayo mu lugendo luno, buli omu ku ffe. Tuwe amaanyi go ago agakuuma, awamu n'okukkiriza okumanya nti Okubeerawo Kwo okutalemererwa kugenda kubeera awamu naffe. Naddala mu ssaawa eyo nga tetusobola na kweyamba, tuba nga tumanya nti, "Eggye lya Bamalayika ba Katonda lisiisira okwetooloola abo abamutya Oyo, era bajja kutuwanirira tuleme okwesittala ebigere byaffe ku jjinja." Kaakati, tusaba Otuwe ku mikisa egy'Ekigambo, era Oyogere okuyita mu ffe, era mu ffe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

4 Ndi musanyufu nti akasana k'ebweru, amaanyi g'enjuba, gaaka. Kibadde kibi nnyo enkya ya leero. Era ndowooza, mu ggwanga lino, naddala, tubeera nnyo n'ekiddedde, embeera y'obudde embi. Okulaba ng'enjuba Evaayo ng'eyaka, kireete akaseko ku matama.

Okwegatta kwa famire leero nate, nnasisinkanye baganda bange, era bali ngulu eyo mu nju ya mwannyinaze, n'abo ab'ekika okuva mu kibuga n'okwetooloola. Waliyo ba Branhams abawerako. Singa bonna basobola okujja okuva wano e Kentucky, ntebeereza nti tusobola n'okupangisa ekibuga kino: bangi gye bali. Wabula waliwo okukuŋŋaana kutono okw'okudda eka. Twateranga okukuŋŋaana ewa maama era ye yali empagi luwaga eyatusibiranga awamu, mu ngeri eyo. Wabula Katonda yatwala empagi luwaga yaffe mu Ggulu, era nnina essuubi nti lumu tuliddamu ffenna okusisinkana.

5 Kale nno, luli nnayogera, nga ŋŋamba nti, "Mukimanyi nga nja okukendeeza ku bubaka bwange obwa Sande okubuzza ku ddakiika abiri ku-oba asatu, olwo tulyoke tusabire abalwadde." Era ekyo nkirowoozezzaako enkya ya leero.

Ekiro kya jjo Nnalowoozezza, Mwannyinaffe Downing bwe yampise n'agamba nti yakubidde Billy ng'agamba nti ye ne Mwannyinaffe Ungren bwe baabadde baambuka oluguudo, baaseereddemu ne bafuna emmotoka n'egooma. Billy bwe yaluddewo ng'akyali mu ddirisa, simanyi oba nga zaabadde ssaawa meka; oba oli awo ku makya ga leero, ekiseera ekimu. Nnasangiddwa nga mbadde nnebaseemu akaseera. Ne ndyoka ntunula ewa Ow'oluganda Woods, amataala gabadde tegaaka. Ne ndyoka nfukamira okusaba, bwe nnakikoze, ne wabaawo ekyogera nange nti, "Kirungi." Ne ndyoka ntegeeza Billy nti, "Mugambe 'buli kimu,' ne ndowooza nti, 'kijja kuba kirungi."' Nnina essanyu okubalaba amakya ga leero, nga batudde emabega awo mu nnyumba ya Mukama, nga bavudde ku luguudo.

Abantu abakwagala ennyo batyo, nga batambula ebikumi bya mmayiro, okujja okuwulira Enjiri, olwo ne ndowooza," nti, "Obubaka obw'eddakiika abiri, nga bwe nsoonooka nze, tebuyinza kubaamu kalungi." Kale, ne ndowooza okumala ga…obuwanvu obwo.

N'olwekyo awo, muwulirize ow'Oluganda Ungren, mutabani we, enkya ya leero ng'ayimba nti, "Nga Oli Mukulu." Asobodde…Lutegeeza kingi gy'ali leero okusinga bwe lwakoze olunaku lwa jjo akawungeezi, kubanga Katonda Oyo omukulu Yataasizza obulamu bwa maama we ne mwannyina abaagalwa.

6 Kaakati, olwa leero, tusuubira ekiseera eky'amaanyi mu Mukama. Mbadde n'eby'okuyigako bya mirundi ebiri oba esatu eby'enjawulo bye mbadde ntaddeko ebirowoozo, era Ssaasobodde, nga sisobola kulondako kye nsobola okwogerako enkya ya leero. Ekimu ku byo, kyabadde, "Sindiikiriza emigugu gyo ku Ye, kubanga Afaayo gy'oli. Kale bw'aba ng'Afaayo, lwaki ggwe Tofaayo?"

Olwo, ekirala, Billy Paul, oba si Billy Paul…mutabani wange omulala, Joseph, yandeetera eky'okuyigako kino emabega akaseera akayise. Yali alina ekisenge w'atudde olumu, n'agamba nti bwe yatunula waggulu ku kifaananyi, Billy…oba Joseph, ayagala nnyo eby'amaato, ng'abalenzi abato bwe batera okuba; amaato n'embalaasi, nga bwe mumanyi. N'aŋŋamba nti, "Taata, Yesu alina eryato?" ne mmugamba nti, "Simanyi."

7 Bwe yamala okusituka ng'agenze, ne mbaako okulowooza nti, "Ye Alina eryato?" Ne nfunamu eky'okuyiga ne ndyoka nkiramba wano mu kitabo kyange nti, "Yesu Alina eryato? Ne nnyongera okulowooza. Bwe yali wano ku nsi, yalina okweyazika olubuto okuzaalibwamu, entaana okuziikibwamu, eryato okubuuliriramu, wabula ye Muvuzi w'ekyombo eky'edda ekya Sayuuni. Mazima ddala Alina. Naye, ku ebyo eby'okuyigako obw'edda kwe ndowooza, nga ndowooza oba oli awo nnyinza okubifuna oluvannyuma, bwe tuba nga tetunnaba kuddayo.

Mukimanyi nnyumirwa nnyo okwogerera wano mu kkuŋŋaaniro, kubanga eno y'ekkanisa yaffe. Tuwulira eddembe okwogera buli kimu Omwoyo Omutukuvu ky'ayagala okwogerako. Mu bifo ebirala, wadde ng'omuntu asobola okukwaniriza, owulira nga tolina kwetaaya kubanga obeera mu kkanisa ya muntu mulala, ate ng'obeera oyagala okuba omuntu omulungi ekimala okussaamu ekitiibwa enjigiriza n'ebirowoozo byabwe.

8 Twabadde n'akaseera akanyuvu wiiki eno emmanga eyo mu kifo ky'Ow'oluganda Burcham. Ne ŋŋenda mu kkolero ly'omuzigo. Ne mbalaba ye ne mukyala we, omutabani na bonna, weebali amakya ga leero. Mbaddenga ndowooza we bakolera omuzigo walinga ebifo ebirala eby'amakolero gye nkyaddenga, nga biseerera, nga bikyafu. Abange, kye nsobola okwogera kyokka nti ekifo ekyo mbakakasa si kikyafu. Ky'ekifo ekikyasinzeeyo okuba ekiyonjo ku bye nnali nkyaliddeko, naddala mu makolero. Nange nnabadde sikisuubira ntyo; ne ndowooza nti oh, bakola pawundi nga kikumi ez'omuzigo olunaku. Bakola ttani mukaaga buli lunaku, ng'amakolero asatu nga gakola. Nnalowoozezza, "Oh, abange baki abalya omuzigo ogwo gwonna?"

Naye Mukama awadde omusajja ono omukisa. Nnafunyeeko n'omukisa okubeerako mu maka ge, amaka agajjudde okwagala ne mukyala we yeewaddeyo. Tewali na nsonga ebagaana kuyimirira ku lwa Kristo buli lunaku nga bwe bakola. Nnasisinkanye batabani be era baana abatalina kabi. Tusiima olw'okussa ekimu kuno kwe tulina fekka na fekka.

Nnazudde eyali omusumba waabwe, yabadde mu-musajja gwe mmanyi, ow'Oluganda Gurley, omusajja atalina kabi owa United Pentecostal faith, gwe nnasisinkana emyaka egiyise e Jonesboro, Arkansas. Nga n'okumanya simanyi nti baali…ye yali omusumba waabwe.

9 Kaakati mujjukire okusaba okw'akawungeezi ka leero. Olwo nga Katonda Asiimye, Sande ejja tusuubira okwogera. Awo nno, Sande eddako ndowooza mba nnina okugenda e Chicago. Olwo mbulemu okumala akabanga, nga nnina okutwala famire eka oba okuddayo mu Arizona, bo basobole, abaana okudda mu ssomero. Olwo tulekere awo okuteeka omusumba ku bunkenke nga bw'atambuzaamu okusaba.

Kale, n'olwekyo, tusiima nnyo ow'Oluganda Neville olw'omutima ogwaniriza abalala, mukimanyi nga bwe yampita era bw'atyo bw'ali, te… ow'oluganda, omuntu bw'atyo mmwagala nnyo, omutali bukuusa bwonna, talinaamu kweyagaliza yekka, nga Bukristaayo obwesimbu. Obwo mbwagala.

10 Tugenda kusoma Ekyawandiikibwa ekimu, tulyoke tukyogereko. N'ekiseera kye tunaafulumiramu sikimanyi, ku Bubaka nga buno obuwanvu, naye kye ndowooza…Luli nnali njogera ku kwogerera ebbanga eggwanvu, omuntu omu n'agamba nti, "Kale, kaakati, singa-singa wayogerera eddakiika ntono; n'oyogerera mu ngeri ey'ebyama, nga bwe wandirabye," n'agamba nti, "ffe-ffe tetwandisobodde kubitegeera. N'ayongerako nti, "Genda bugenzi mu maaso ng'oyogera era akaseera katono bijja kutegeerekeka," bwe yagambye. N'olwekyo oba oli awo Mukama Ayagala tubikola bwe tutyo.

Leka, nate tukoteke emitwe.

11 Mukama, Ekigambo Kyo kibikkuddwa ku kituuti, nga tumanyi olunaku lumu kijja kuba nga kizingiddwako ekiseera kyakyo ekisembayo, olwo awo Ekigambo kiriba mubiri. Awo nno, ffe tuli-tuli basanyufu amakya ga leero olw'akaseera kano. Otubikkulire n'Omwoyo Wo, ebifa mu Kigambo kino kye tugenda okusoma. Leka Omwoyo Omutukuvu Atusomese olwa leero ebintu bye tuteekeddwa okumanya. Era leka oluvannyuma tusobole okuwuliriza obulungi buli Kigambo, nga tukipimira ddala. Kale leka abo abawuliriza okuva ku ntambi, leka bawulirize n'obwegendereza. Era leka olwo tusobole okufunira ddala ekyo Omwoyo Omutukuvu ky'Agezaako okutubikkulira. Kubanga tukizuula nti singa Atufukako amafuta, tegaba ga bwereere. Gaba galina ekigendererwa, okusobola okukola olw'obulungi, eri Mukama. Mukama, leka emitima gyaffe n'okutegeera bibe nga biguddwaawo.

Leka tube n'eddembe okwogera, n'eddembe okuwulira, n'okusobola okufuna okukkiriza, okukkiriza ebyo bye tuwulidde, nga bwe biva mu Kigambo kya Katonda; kibe kya mugaso gye tuli, Obulamu Obutaggwaawo, mu Lunaku olukulu olugenda okujja. Tuwe omukisa leero. Bwe tuba abakyamu, tunenye.

Leka tusobole okumanya ensobi ze tulina. Otuwe omukisa mu ngeri entuufu, tusobole okutegeera ekkubo ery'okukwata, n'engeri ey'okweyisaamu mu nsi eyakaakano; tusobole okuleeta ekitiibwa, mu bulamu bwe tulimu, eri Yesu Kristo, Oyo eyafa okutuwa Obulamu obukulu oluvannyuma nga tuvudde wano. Tukisaba kino, mu Linnya lya Yesu. Amiina.

12 Njagala kaakati okusoma mu bifo bibiri okuva mu Byawandiikibwa, amakya ga leero. Ekimu kisangibwa mu Kitabo ky'Okuva, mu mazima, byombi, biva mu Kitabo ky'Okuva. Ekimu mu ssuula eye 13 n'olunyiriri olwa 21 ne 22. Kale, nja kusoma mu Kuva 13:21

*Mukama n'agenda mu maaso gaabwe emisana mu mpagi ey'ekire okubakulembera, mu kkubo; era ekiro mu mpagi ey'omuliro, okubaakira: balyoke batambule emisana n'ekiro;*

*empagi ey'ekire emisana, n'empagi ey'omuliro ekiro, tezaggwaawo mu maaso g'abantu.*

Kaakati mu Kuva 14 n'olunyiriri olwe 10

*Falaawo bwe Yasembera, abaana ba Isiraeri ne bayimusa amaaso gaabwe, laba, Abamisiri nga babagoberera ennyuma waabwe: ne batya nnyo: abaana ba Isiraeri ne bakaabira MUKAMA*

*Ne bagamba …Musa nti Kubanga tewali…* (Munsonyiweko)

*Ne bagamba Musa nti Kubanga tewali ntaana mu Misiri, ky'ovudde otuleeta tufiire mu ddungu? Kiki ekikutukozezza bw'oti, okutuggya mu Misiri?*

*Kino si ky'ekigambo kye twakugambira mu Misiri, nga twogera nti tuleke tuweereze Abamisiri? Kubanga kirungi okuweereza Abamisiri okusinga okufiira mu ddungu.*

Ŋŋenda kwongera kusomayo ennyirira endala.

*Musa n'agamba abantu nti Temutya…*

Kaakano wuliriza n'obwegendereza wano.

…Musa n'abagamba abantu nti *Temutya, muyimirire buyimirizi, mulyoke mulabe Obulokozi bwa MUKAMA bw'anaabakolera leero: kubanga Abamisiri be mulabye leero, temulibalaba nate emirembe gyonna.*

*MUKAMA anaabalwanirira, nammwe munaasirika.*

*MUKAMA n'agamba Musa nti Kiki ekikunkaabizza? Bagambe Abaana ba Isiraeri, bagende mu maaso.*

*Era yimusa omuggo gwo, ogolole omukono gwo ku nnyanja, ogyawulemu; n'abaana ba Isiraeri banaagenda wakati w'ennyanja ku lukalu.*

*Nange, laba, nze ndibakakanyaza emitima Abamisiri, baliyingira okubagoberera: nange ndyefunira ekitiibwa ku Falaawo, ne ku ggye lye lyonna, ku magaali ge, ne ku bantu be abeebagala.*

*Abamisiri balimanya nga nze MUKAMA, bwe ndimala okwefunira ekitiibwa ku Falaawo, ku magaali ge, ne ku bantu be abeebagala.*

*Malayika wa Katonda eyakulembera eggye lya Isiraeri, n'avaayo n'adda ennyuma waabwe; empagi y'ekire n'eva mu maaso gaabwe, n'eyimirira ennyuma waabwe;*

*N'ejja n'ebeera wakati w'eggye ly'e Misiri n'eggye lya Isiraeri; ne waba ekire n'ekizikiza, naye n'ereeta omusana ekiro: abo ne batabasemberera ekiro kyonna.*

*Musa n'agolola omukono gwe ku nnyanja; MUKAMA n'asindika Ennyanja n'omuyaga ogw'amaanyi og'ebuvanjuba obudde okukya, Ennyanja n'agifuula olukalu, amazzi ne geeyawulamu.*

*Abaana ba Isiraeri ne bayingira wakati w'ennyanja ku lukalu: amazzi ne gababeerera ekisenge ku mukono ogwa ddyo ne ku gwa kkono.*

*Abamisiri ne bagoberera, ne bayingira ennyuma waabwe wakati w'ennyanja, embalaasi zonna eza Falaawo, amagaali ge, n'abantu be abeebagala.*

*Awo Olwatuuka mu kisisimuka eky'enkya MUKAMA n'atunuulira eggye ly'Abamisiri mu mpagi ey'omuliro n'ekire ne yeeraliikiriza eggye ery'Abamisiri.*

*N'aggyako bannamuziga ab'amagaali gaabwe, ne bagagoba nga gazitowa: Abamisiri ne boogera nti Tudduke mu maaso ga Isiraeri; kubanga MUKAMA abalwanirira ku Bamisiri.*

13 Ekigambo kya Mukama kikulu nnyo, kirungi nnyo. Tewali ngeri yonna ya kuyimiriza okukisoma. Kifuuka bufuusi Bulamu, nga bwe tukisoma. Ndowooza mu kitundu kino enkya ya leero, newankubadde nga

kikwatibwa ku lutambi, kino njagala kukyogera mu ntandikwa, kirabikanga, nneezuula nange. Ensonga lwaki nze…Jjo bwe nnabadde nga nsoma, Nnatuuse ku ssomo lino, olwo ne ndowooza nti, "Mukama bw'anaaba Asiimye, ŋŋenda kwogera ku ekyo, kubanga kinvuga nga nzikirira." Era nsuubira nti fenna kituvuga mu ngeri y'emu, tusobole okulaba, kitusobozese okutunula waggulu; n'okweyongerayo kko okuyiga, nga tugeraageranya olunaku obwe lwali luli, nga…n'olunaku lwe tulimu leero.

14 Njagala okutwala ebigambo bisatu ku ky'okuyigako nga bye: *Lwaki Okaaba? Yogera!* Katonda yagamba Musa wano mu lunyiriri olwe 15 nti, "Kiki ekikunkaabizza? Yogera eri abantu, bagende mu maaso." Era: *Lwaki Okaaba? Yogera!*

Kale, tufunye essomo eddeneko, era nja kugezaako okwanguwako nnyo nga bwe nsobola, ng'Omwoyo Omutuuvu bw'anaakulembera. Era njagala okulowooza…ku ky'okuyigako kino, Musa ng'akaabirira Katonda, mu kiseera eky'ebizibu; Katonda ng'anenya Musa, nga n'ekizibu kyali mu-mu buliwo. Ate obwo bwe butonde, omuntu yenna asobola okukaaba. Kale, nga kuba kunenya ate Katonda n'avaayo n'amunenya olw'okwogera bw'atyo, olw'okumukaabirira. Kirabika ng'ekintu ekizibu.

15 Emirundi mingi bwe tutunuulira Ebyawandiikibwa, mu ndaba y'ebintu eyaffe, kirabika ng'ekintu ekizibu ddala. Naye bwe tukiyigako okumala akaseera akatono, tukizuula nga Katonda Oyo amanyi byonna aba ategeera kiki ky'Akola. Era Amanyi n'engeri ey'okukolamu ebintu bino, n'engeri gy'Akwatamu omuntu. Amanyi ekiri mu muntu. A-Amumanyi. Ffe tetumanyi. Ffe tumanyi ku ludda lw'amagezi amasome. Ye Abeera amanyi kiki ddala ekiri mu muntu.

Musa yazaalibwa mu nsi eno, ate nga mulenzi alina ebirabo. Yazaalibwa ng'alina kuba nnabbi, Omununuzi. Bwe yazaalibwa nga n'ebikola biri mu ye, nga na buli muntu yenna azaalibwa mu nsi bw'azaalibwa n'ebikola mu ye, nga bwe nzikiririza mu kumanya kwa Katonda okw'edda, n'okuteekerwateekerwa.

16 "Si nti Ayagala omuntu yenna okubula, wabula okutuuka mu kwenenya." Wabula, olw'okuba nga ye Katonda, Yalina okumanya, ate era "amanyi enkomerero okuva ku ntandikwa". Mulaba? Singa yali takisobola ekyo, olwo aba Alina ekkomo; ate bw'Aba nga Alina ekkomo, aba si Katonda. N'olwekyo yali simwetegefu, mazima, eri omuntu yenna okuzikirira, naye Ya-Yamanya ani eyali ow'okuzikirira n'ataali wa kuzikirira. Eyo y'ensonga, ekigendererwa kyennyini ekyaleeta Yesu mu nsi, kwali kulokola, abantu abo Katonda mu kumanya Kwe okw'edda, Yabalaba nga baagala okulokolebwa, kubanga laba, ensi yonna yali esaliddwa omusango. Nange siraba ngeri yonna gye tuyinza kukisomesaamu, okusinga okumanya kwa Katonda okw'edda, ate nga ne Baibuli mu lwatu egamba nti, "Amanyi enkomerero mu ntandikwa," era asobola n'okugitegeeza.

N'olwekyo, o-omuntu bw'agezaako okuba ekyo ky'atali, abeera ageegeenya bugeegeenyi, awatali kulwa aba agenda kumanyika. Ebibi byo bikuzuula. Tosobola kubibikkako. Ekibikka ku kibi kiri kimu kyokka, gwe Musaayi gwa Yesu Kristo, kyokka ate era tegusobola kukola okuggyako nga Katonda Yakuyita okuva ku kutondebwa kw'ensi. Ekyo kye kyayiisa Omusaayi ogwo; si kugulinnyirira, okugusekerera, era-era n'okugufuula eky'obusuubuzi, oba okugwogerera obubi, n'ebirala. Gwali gwa kigendererwa ekirambulukufu. Ekyo bwe kiri. Sikyakuzannyisa, wadde Okugeegeenya, nga bw'ogamba nti ebibi bibikiddwaako naye ate nga tebiri. Tewali bibi bya muntu bibikkibwako okutuusa ng'erinnya lye lyawandiikibwa mu Kitabo Ky'Obulamu eky'Omwana gw'Endiga okuva ku kutondebwa kw'ensi. Yesu yennyini Yagamba nti, "Tewali ajja gye ndi Kitange bw'Atamuwalula. Bonna Kitange b'alina," (kiseera ekyayita) "yampa balijja gye ndi." Ekyo bwe kiri. N'olwekyo tosobola kulimbisa Kigambo. Weekiri olw'Amazima era olw'okutereeza.

17 Era Musa yazaalibwa n'ekirabo ky'okukkiriza; okukkiriza okw'amaanyi Musa kwe yalina. Tukulaba, oluvannyuma lw'akaseera, nga kumuvaamu. Era yazaalibwa mu famire ey'amaanyi, nga bwe tumanyi kitaawe ne nnyina, ng'ava mu famire ya Leevi. Emboozi enyumizibwa emabega wa kino kye tuliko mu kitabo ky'Okuva ekituwa obulungi ekikula ky'obulamu bw'omuntu ono. Y'omu ku bantu ab'amaanyi ennyo aboogerwako mu Baibuli, kubanga yali ddala kifaananyi kya Mukama Yesu.

Yazaalibwa mu ngeri ey'enjawulo, nga Mukama Yesu. Yazaalibwa mu kiseera kya kuyigganyizibwa, nga Mukama Yesu. Yazaalibwa kubeera mununuzi, nga Mukama Yesu. Yakwekebwa bakadde be, omulabe obutamulaba, nga Mukama Yesu. Ne kituuka ekiseera kye eky'okuweereza, nga Mukama Yesu. Yali mukulembeze, nga Mukama Yesu. Yali nnabbi, nga Mukama Yesu. Yali muwi w'amateeka, nga Mukama Yesu.

Era tukizuula nga yafiira ku Lwazi, era ateekwa okuba nga yazuukira na buli kimu, kubanga oluvannyuma lw'emyaka lunaana yali ayimiridde ku Lusozi olw'Okufuusibwa, ng'ayogera ne Mukama Yesu. Mulaba? Bamalayika baamusitula okumutwala. Tewali amanyi we yaziikibwa. Ne Setaani ekyo takimanyi. Mu mazima sirowooza nga n'okuziikibwa yaziikibwa. Nze-nzikiriza nti Katonda yamutwala butwazi, era-era nga yafiira ku Lwazi olwo lwe yagobereranga obulamu bwe bwonna.

Yali kifaananyi ekituukiridde ekya Kristo. Yali kabaka eri abantu. Yali muwi w'amateeka. Yali oyo a-alabirira eri abantu. Yali buli kintu, mu-mu kifaananyi, ekyo Kristo kye Yali.

18 Kaakati, olwo, laba nti yazaalibwa n'ekirabo eky'amaanyi, n'ebisaanyizo mu ye, ekyo kirina kye Kyatwala okuyitawo, okusobola okuleeta ekintu ekyo eri obulamu.

Laba, ensigo ya Katonda yateekebwa mu ffe okuva ku misingi egy'ensi. Era Ekitangaala ekyo bwe kyasooka okukuba ku nsigo eyo, ky'agiwa obulamu, wabula Ekitangaala kirina kusooka kujja ku nsigo.

Nga bwe njigirizza emirundi egisinga obungi ku mukyala w'oku luzzi, mu mbeera gye yalimu. Wadde nga yali yali ettutumu mu bwonoonefu, n'obulamu bwe nga tebwalimu kitiibwa, nga yali mu mbeera eyo kubanga obulombolombo bwali tebusobodde kumukomako, era, newankubadde, awo Ekitangaala ekyo bwe kyasooka okumukubako, mu mangu ddala yakitegeera, kubanga mundaaye mwalimu ekyali kisobola okwanukula. "Obuziba bwe bukoowoola Obuziba," wateekwa okubaawo Obuziba okwanukula okuyita okwo.

Musa wano yazaalibwa nga nnabbi, wabula yakulizibwa mu ssomero ery'amagezi ate era mu lubiri lwa Falaawo. Yakuzibwa wansi wa Falaawo Seti, yali musajja eyasigala ng'alina ekitiibwa, era nga akkiriza nti Yusuufu yali nnabbi wa Mukama. Naye oluvannyuma lwe, wajjawo kabaka omulala Rameses ataayagala kufaayo ku bikwata ku Yusuufu. N'olwekyo, awo we waava emitawaana, bwe wajjawo Falaawo ataamanya Yusuufu.

Wabula ebisaanyizo bino ebikulu, leka tubyogereko okumala akaseera naddala nga tetunnaba kutuuka ku kinyusi ekikulu eky'ekyokuyigako. Nnina engeri eteri ya bulijjo ey'okuleetamu eky'okuyigako, n'okukizimbamu, ate ne Mukama atuyambe nga bwe tukizimba.

19 Musa, n'azaalibwa ng'alina ekirabo kino eky'okukkiriza. Olwo n'alyoka afukibwako amafuta wamu n'okutumibwa mu kisaka ekyali kyaka omuliro, okununula abantu ba Katonda. Kaakati, mulaba ndowooza ebisaanyizo bino ebikulu omusajja ono bye yalina! Yazaalibwa olw'ekintu ekimu. Katonda yalina ekigendererwa mu ekyo.

Katonda alina ekigendererwa eky'okubeerawo kwo wano. Olaba? Singa obadde osobola okuba, n'otuuka mu kifo ekyo kyokka, nga wandyeggye mu buzibu awamu ne Katonda.

Musa n'azaalibwa era awo, oluvannyuma n'aleetebwa mu kifo we yafukibwako amafuta. Era weetegereze ng'ensigo eri munda omwo, wamu n'okutegeera kw'essomero n'okukkiriza kwonna kwe yalina nti yali yazaalibwa okununula abantu bano, so nga ate kyali tekibangawo mu Bulamu okutuusa Ekitangaala ekyo okuva mu kisaka ekyaka omuliro nga kimaze okumwakako; okutuusa lwe yalaba, si kintu kye yali asomyeko wabula kye yalaba n'amaaso ge; Ekyo ekyayogera naye, naye n'akyanukula. Oh, ekyo nga kyaleeta ebintu eri obulamu.

20 Ndowooza, na buli musajja yenna ng'alina e...oba omukazi, omulenzi oba omuwala. Ndowooza, engeri gye bakitegeeramu Ekigambo, mu ngeri ey'ebyamagezi, na buli kimu, kizibu okuba n'okuyimirira okulina omusingi omujjuvu okutuusa nga basisinkanye Ekitangaala ekyo ekireetera Ekigambo okuba ekyannamaddala.

Ndowooza nga tewali na kkanisa mu nkola yaayo, Sinsonga ngezi etya, era na ngeri ki gy'eyinza okweteekateekamu, ekkanisa eyo tesobola kukulaakulana okutuusa ng'eky'Obwakatonda kimanyiddwa mu bantu, ate ne bakiraba. Ekintu kye basobola okwogera nakyo, ne kibaddamu, nga kikakasa Ekigambo ekiwandiike.

21 Kaakati jjukiramu, Musa bwe yasisinkana ekisaka ekyaka, Ekigambo ekyo kyalabisibwa butereevu ddala. Kyali Kigambo. Musa teyalina kweraliikirira nti oba "Eddoboozi lino lyonna litegeeza ki? Muntu ki ono ali wano? Kubanga Katonda yali amaze okuwandiika Ekyawandiikibwa, mu Lubereberye nti, "Abantu bo baligenda mu nsi eno engenyi, era baliggyibwayo okukomezebwawo oluvannyuma lw'emyaka bina, bajja kukomawo nate mu nsi eno, okuba obubi bw'Abamooli tebunnaba kutuukirizibwa." Emyaka bikumi na bikumi nga tekinnaba, Katonda yali Ayogedde nti, "Isiraeri yali waakubeera mu nsi engenyi era babonyeebonyezebwe okumala emyaka bina. Naye Katonda, n'omukono ogw'amaanyi, yali wa kubaggyayo." N'olwekyo, olaba, mu kisaka kino ekyaka…

Musa kino yakimanya kino, mu magezi amasome. N'ensigo eyali ezaaliddwa munda ye, yali mu mutima gwe. Okuyita mu bumanyirivu bwe obw'amagezi amasome n'Ekigambo, yagezaako oku-oku-okubaggyayo, abanunule, kubanga yali amanyi nga yazaalibwa olw'ekigendererwa ekyo. Yamanya nti by'ebiro. Ebyawandiikibwa byonna byali byogera nti baali bawezezza emyaka ebikumi ebina.

Era nga naffe bwe tumanyi kaakati, ng'omusajja bwe yambuuzizza akaseera katono akayise, ku Kujja n'Okukwakkulibwa. Tumanyi. Ekiseera kituweddeko, n'ekiseera eky'Okukwakkulibwa kiri kumpi, tuli mukunoonya kukkiriza kwa Kukwakkulibwa ekunaasika Ekkanisa awamu, kisobole okugiwa amaanyi ag'Obwakatonda, aganaasobola okukyusa emibiri gino gye tulimu. Buli bwe tulaba Katonda asobola okuzuukiza omufu okumuggya mu ttaka, mu malaalo, n'amukomyawo eri obulamu nate ate n'amutwoleka mu maaso gaffe, bwe tulaba Katonda asobola okutwala Kkookolo abadde alidde omuntu okumufuula ng'ekisiikirize, n'amuggyamu n'amumufuula omuntu omulamu ddala, ekyo kiwa okukkiriza

okw'okukwakkulibwa eri abantu. Olwo Ekitangaala kiba kimyansizza okuva mu bwengula, ng'Akagombe kavuze, olwo Omubiri gwa Kristo amangu ddala gujja kukuŋŋaanyizibwa wamu, gukyusibwe mu bwangu ddala era gutwalibwe mu Ggulu. yee, walina okubaawo ekintu bw'ekityo ekirina okubeerawo. Amasomero gaffe ag'ebyeddiini tegasobola kubifulumya ekyo, era mu magezi ago batuufu. Naye olina okusisinkana Ekitangaala ekyo! Oteekwa okuzuula Ekintu ekyo.

22 Era wano Musa, nga yeesigamya okuyitibwa kwe ku Kigambo, kyali kya kitalo, okutuusa olunaku olumu bwe yasisinkana Ekitangaala kino, n'Ekigambo kyennyini ne kyogera gy'ali. Olwo n'afuna amafuta ge. Ekyo ky'afuka amafuta ku ekyo kye yalina munda mu ye, ekyo munda ye, abagezigezi abaakikkiriza, okukkiriza okwali kwesigamiziddwa ku nzikiriza ye mu Katonda, okyo kyamwawula ku nnyina. Olwatuuka mu Kubeerawo kw'Ekitangaala kino, kyafuka amafuta ku ekyo kye yali akkiriza. Mulaba? Nga gaali mafuta! Era n'atumibwa omulimu.

Kaakati, tumanyi, nga mu magezi yali Awulidde nnyina. Yali amanyi ekyali kigenda okubaawo, era ng'amanyi nti yali mu lunaku olwo. Wabula yeezuula nga yali kiremwa, n'olwekyo ayinza okuba nga ya... okukkiriza kwe kuyinza okuba kwaddiriramu. Wabula bwe yatuuka mu kisaka, Katonda yagamba nti, "Mpulidde okukaaba kw'abantu Bange era nzijjukidde ekisuubizo kyange eri bakitaabwe, Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, era nzise." "Nze" yiiyo awo nnakasigirwa ey'obuntu, "Nzise okubawonya."

23 Era Kaakati, munzikirize ngatteko na kino bwe kiba…Katonda ansonyiwe bwe Kiwulikika ng'ekityoboola mu ddiini. "Sikolera ku nsi, wabula okuyita mu muntu. Nze-nze-nze Muzabbibu, mmwe matabi. Nsobola okwerangirira Nze kennyini bwe mba nga nzudde omuntu. Era Nkulonze ggwe, okukutuma oserengete ogende obaggyeyo." Mulaba? Kaakano mwetegereze, "Nja kubeera n'akamwako era nze…ggwe twala omuggo guno."

Awo Musa n'ayogera nti, "Nsobola okulaba obukakafu ddala nti Ggwe Ojja kuntuma, ng'Onfuseeko n'amafuta era nga Ggwe agenda okukola ebintu bino?" n'amugamba nti, "Olina ki mu mukono gwo?" ko ye nti, "Omuggo." Mukama n'amugamba nti, "Gusuule wansi." Ne gufuuka omusota. N'adduka.

N'amugamba era nti, "Gusitulewo." Ne gufuuka omuggo nate. N'amugamba nate nti, "Teeka omukono gwo mu kifuba kyo." Okuguggyayo nga gwonna gujjudde ebigenge. Bwe yaguzzaayo, ne gulongooka.

24 N'agamba nti, "Yalaba ekitiibwa kya Katonda." Tewaaliwo kibuuzo kyonna, ewa Musa. Wali okyetegerezza, nga teyaddamu kuddukira eri eddungu nate? Yamanya nga yali afukiddwaako amafuta. Yamanya ebintu byonna ebyali mu mutima gwe, ebisaanyizo bino eby'ekitalo era ye…kaakati nga bifukiddwaako amafuta. Nga ye mwetegefu. Yeetegese okugenda. N'aserengeta e Misiri.

Katonda yali agambye nti, "Nja kubeera naawe," N'olwekyo ekyo-ekyo kyamala. Bwe "Nnaabeera naawe," ekyo kyokka Musa kye yali yeetaaga okumanya, olw'okuyitibwa kuno okukulu okwali mu mutima gwe. Era Katonda n'agamba nti, "Nja kubeera naawe."

Kaakati Katonda yali akakasizza, okuyaayana kwa Musa. Musa yagambanga nti, "Nnasisinka Mukama. N'aŋŋamba mbagambe mmwe nti, 'NDI' y'antumye." Mulaba?

Awo ne balyoka bagamba nti, "Wuuno wano omusajja Omuyudaaya omulala, omu ku bazoole ababaddenga bajja babeerawo n'enteekateeka zaabwe mbu batuggya bu buddu." Ate omanyi engeri abantu gye babeeramu nga baddu oba nga bali mu buddu okumala akaseera, watera okubeerawo abajja n'obukoddyo, nga bwe mumanyi, okubukola.

Bwe kityo Musa, Katonda yasuubiza Musa nti, "Nja kubeera mu ggwe. Nja kubeera mu ggwe. Ebigambo byange bigenda kuba bigambo byo. Ojja kwogera Bigambo byange, ng'oyogera nze bye njogera."

25 Awo nno Musa bwe yakkirira n'abategeeza okuyitibwa kuno, n'ayimirira ne mu maaso ga Falaawo, n'alyoka amugamba nti, "Katonda w'Abaebbulaniya yagambye nti, "Abaana bafulumyeyo." Era n'atayinza kubaganya kufuluma. Olwo ye n'alyoka akola akabonero mu maaso g'abakadde ne mu maaso ga Falaawo, n'akabonero ako Katonda ke yali akoze. Yagamba nti, "Kaakati, enkya, nga mu kiseera nga kino, enjuba ejja kugwa. Misiri yonna egenda kukwata ekizikiza," era ne kituukirira mu ngeri yennyini. Olwo n'ayongera okwogera nti, "Wagenda kubeerawo ensowera mu-mu ggwanga," n'alyoka agolola omuggo gwe n'ayita ensowera nazo ne zijja. N'alyoka alagula, na buli kye yalagula ne kituukirira nga bwe yagamba. Yali Katonda. Mulaba?

26 Katonda yali amuyise kuva mu kuzaalibwa kwe, n'amuteekamu ebisaanyizo, eby'okukkiriza okw'amaanyi, olwo n'Alyoka ajja mu Kubeerawo Kwe, n'ekyo eky'amaanyi ekyali mu ye n'akifukako amafuta, n'alyoka amutuma okuserengeta n'Ekigambo Kye, n'Abeera ng'akakasa ekyo kye yayogeranga. Ssi nsonga bameka abaali beefuula abaali bagolokose, bimeka ku bintu ebirala ebyali bibaddewo, Katonda yali Ayogera ku…Musa yalabibwa. Musa, Katonda yassa ekitiibwa mu Musa kye yayogera kyonna. Mbasaba Ekigambo ekyo temukyerabiranga. Musa kye yayogera, Katonda yakissangamu ekitiibwa, kubanga Ekigambo kya Katonda kyali mu Musa. nti, "Nja kubeera n'akamwa ko; kajja kwogera ebintu

ebituufu.” Kaakati, buli Katonda ky'ayogera- Katonda ky'agamba, Akyogerera mu Musa nga kikakasa n'okwoleka ekyo kye yali agambye.

27 Era, yali agambiddwa nnyina, okuzaalibwa kwe okwali okw'ekyama, n'engeri ekiseera ekyo bwe kyali kisembeddee eky'essaawa ey'okununulibwamu. Amulaamu ne-ne Yekobeedi, batabani era bawala ba Leevi ne batandika okusaba Katonda okusindika Omununuzi. Era Kyatwala… bw'olaba ekiseera ky'ekisuubizo nga kisembera, kiteeka abantu mu kusaba n'okulumwa enjala. Tewali kubuusabuusa nti-nti maama we Yekobeedi, yali akimubuulidde emirundi mingi; nga ye yali omusomesa we nga naffe bwe tumanyi olugero. Yali amubuulidde engeri gye yali asabyemu. nti, “Musa bwe wazaalibwa, mutabani, wali mwana mulungi nnyo. Wali wa njawulo. Waliwo ekintu ekyabaawo ku kuzaalibwa kwo.”

Nnakiwaako ng'omuzannyo eri abaana, ssi bbanga ddene emabega nga njogera nti, “Amulaamu bwe yali mu kisenge ng'asaba, yalaba Malayika ng'asikayo ekitala Kye nga bw'akisonga mu Mambuka ng'agamba nti, 'Ogenda kuzaala omwana alitwala abaana mu Mambuka og'ensi ensuubize.'” Nga nkolera akazannyo abaana basobole okukitegeera, anti okutegeera kwabwe tekunnatuuka kwammwe we kuli mmwe abakulu, abasobola okufuna buli kimu Omwoyo Omutukuvu ky'ababikkulira.

28 Wadde nga nnyina yali amugambye ebintu bino byonna, nga kino akimanyi, kyokka yali yeetaaga okukwatwako okulala. O-okuyigirizibwa kwali kulungi, naye kyali kimwetaagisa okufuna okukwatibwako ng'omuntu.

Ekyo ensi kye yeetaaga leero. Ekyo ekkanisa kye yeetaaga leero. Na buli muntu kye yeetaaga, abo nga batabani na bawala ba Katonda. Okusobola okuba ekyo, weetaaga okukwatibwako ng'omuntu, obeeko ne ky'olaba. Ssi nsonga, ng'omanyi nti Ekigambo kyo kituufu, okimanyi nga kituufu; wabula ate bwe wabaawo okukwatagana, n'olaba ng'ebintu bikolebwa, olwo omanya oli ku luguudo olutuufu. Olaba? Era bw'otunula, bulijjo kijja kubanga Kyamu byawandiikibwa. Kijja kuyimirira butereevu n'Ekyawandiikibwa, kuba kino bwe kyali.

Okusaba kwa Amulaamu kwali ddala n'Ekyawandiikibwa. Okusaba kwabwe kwali ddala n'Ekigambo ekyasuubizibwa. Katonda yali asuubizza nti mu kiseera ekyo yali wa kukikola. Era bo…

29 Tunula ! Oh, kino nga nkyagala! Mulabeeyo, mu kiseera kyennyini Falaawo bwe yali ng'ali mu kutta abaana bonna, mulabeeyo ng'abattissa ekitala ky'omukuumi; bo-bo-bo, baafumita abaana bano n'ekitala, abaana abato babakasuukirira eri zi goonya okutuusa lwe zakutta n'okugejja olw'okulya abaana Abaebbulaniya. Wabula Baibuli yagamba nti, “Abazadde tebaatya kiragiro kya Falaawo okutta abaana.” Tebaatya. Tebaatiisibwatiisibwa, kubanga okusookera ddala, baalina kye baali balabye mu mwana ono. Baakiraba, nga kino kwe kwali okwanukulwa kw'okusaba kwabwe.

Era kaakati Musa yalina bino byonna, ng'ebyafaayo, n'olwekyo yamanya nga yali atumiddwa olw'ekigendererwa kino kyennyini oky'okununula abaana ba Isiraeri.

Bw'otunuulira ebyafaayo byonna nga byetuuma. Buli lw'obaako ky'ofuna nga kisobola okuleeta Baibuli nga bw'egamba nti, “Kino kigenda kubeerawo,” ate wano ne kimala ne kibaawo; na “*kino* kigenda kubeerawo mu kiseera ekyo,” era kiikyo ne kibaawo; “era *kino* kigenda kubeerawo mu budde obumu,” awo ne kibeerawo; olwo ebyo byonna, bw'obigatta, bituwa ekifaananyi ekyawamu.

30 Oh, engeri ekkuŋŋaaniro lino enkya ya leero, ffe abantu b'essaawa eno, ow'Oluganda Neville, nga tulaba envi zirumbye emitwe gyaffe, ebibegaabega nga bigwamu, bwe tulaba ng'ensi yeetabiinkiriza n'okuzina amazina nga, nga bw'eri mu kukola, era engeri gye tusobola okutunula wonna ne tulaba engeri ekisuubizo gye kisemberera! Kiri nti…Emirundi egisinga obungi ndowooza, singa omuntu omu aba asobola okukyesuulamu omulundi gumu wabula nga tasobola kukitegeera, oba manyanga ne n'akitegeera, n'alyoka ajja mukyo omulundi gumu, nga kisobola n'okukusindika mu Butaggwaawo, ng'olina ekintu ekyo eky'okukwakkulibwa! Nga wali tokimanyi, era oh, nga tuwaguza mu bintu bye tulabye ne bye tumanyi, ne bye tutegeera, byonna ebyo ne biyingirawo omulundi gumu. Omusajja, oba omukazi, omulenzi oba omuwala, baandibadde oba oli awo bayimusa emikono gyabwe ne bagamba nti, “Leka tugende, Mukama Yesu,” mukiraba. Oh, essaawa ng'essembedde nnyo!

31 Musa bwe yamanya nga yazaalibwa olw'ekigendererwa ekyo, n'atunula mu madirisa, n'alyoka alaba engeri Abaebbulaniya gye baabonaabonga; n'atunula emabega mu Kyawandiikibwa nga kigamba nti, “Bajja kubeera mu nsi engenyi emyaka bina, naye laba, ndibakomyawo n'omukono ogw'amaanyi.” Olwo bwe yakomawo, oluvannyuma lw'okutumibwa omulimu, ng'afukiddwako amafuta, yamanya nga yali azaaliddwa… Era okukkiriza kwalaba, olw'okukkiriza yalabanga abantu abo n'amanya nti baali baana ba Katonda, kubanga ensi…E-Ekigambo bwe kyagamba bwe kityo. Tebaali ba nsi, ate nga tebaalinga abalala bwe baali. Baali ba njawulo. Era baali bazoole era abagwengere, eri ebimasamasa ebya Misiri; nga yalina okuba mutabani wa Falaawo, atwale obwakabaka mu maaso, nga ye yali addako. Naye, ye, munda ye mwalimu ekintu, o-okukkiriza okwannamaddala okutaatunuulira bintu ebyo, ebitemagana bye yalina okusikira. Yatunuulira ekisuubizo kya Katonda, era n'amanya nti ekiseera kyali kisembera. Kale, oba omusajja oyo kiki ky'ateekwa okuba nga yalowoozaako!

32 Njagala tukinyumyeko naye olunaku lumu, bwe nnaamusisinkana ebusukka. Ogamba nti, “Ow'oluganda kya bulalu!” Nedda, si bwe kiri. Nja kumusisinkana, olw'ekisa kya Katonda. Yee, ssebo okunyumyako wamu naye, Musa yennyini. Nga mpulira njagala okumubuuza, engeri gye yasobola okulabamu okweteekateeka kwe!

Engeri Setaani gy'agenda okuswalamu nti, “Aw, abantu tebagenda kukukkiririzaamu. Huh-uh. Tewaaliwo kintu kyonna ku ekyo.”

33 Naye ensigo eyo bw'etuuka mu Bulamu engulu eyo, waliwo ekyagyakako, n'alyoka amanya nti waaliwo ekintu ekyali kigenda okubaawo. Yamanya. Bwe yatunula ku-ku ssaawa ye n'alaba kyali kiseera ki, era n'amanya, era n'engeri ngy'ateekeddwa okubanga yalowoozaamu bwe yagitunulako. Bino byonna bwe yabikwataganya awamu, ebintu bino byonna eby'amaanyi bye yalaba; ekiseera ky'Ebyawandiikibwa, essaala ya nnyina ne kitaawe, n'okuzaalibwa kwe okwali okw'enjawulo, omwana ow'enjawulo. Era ebbanga eryo lyonna waalingawo ekiri munda ye.

Asirittuka nga bw'alowooza okukozesa okutendekebwa kwe okw'amagye, okuva mu ssomero lye, anunule abaana, wabula ekyo kyalemererwa.

Wuuyo n'ayolekera eddungu, n'awasa omuwala Omuwesiyopiya omwagalwa nga balina n'akalenzi kaabwe akayitibwa Gerusomu.

Lumu bwe yali ng'ali mu kulunda Ekisibo, mu bwangu n'alaba ekisaka nga kyaka waggulu ku lusozi, nga kyaka. N'alyoka ayambuka eyo. Ku luno nga si ng'omukenkufu, si kukuba bukubi bufaananyi, si kuloota birooto bya bulimba oba okulaba obubi, naye mu ye…Nga Katonda wa Ibulayimu waali, mu Kitangaala, empagi y'Omuliro mu kisaka, omuliro ogwo, ng'amayengo agaggwerera, naye ng'ekisaka tekirina kye kikyukako. Awo Eddoboozi ly'Ekyawandiikibwa, Eddoboozi lya Katonda, ne lyogereramu ng'agamba nti “Nkulonze. Ggwe musajja. Nnkuleze okutuuka leero olw'ekigendererwa kino. Wano nkukakasa n'obubonero, ogenda kuserengeta ononule abaana kubanga Ekigambo kyange kirina okutuukirira.”

Oh, Ekigambo Kye eky'olunaku luno kirina okutuukirira. Essaawa mwe tuli. Ssi nsonga oba omulala agamba ki; Ekigambo kirina okutuukirira. Eggulu n'ensi bigenda kuggwaawo wabula si Kigambo Kye.

34 Kaakati, Musa bwe yagattagatta ebintu bino wamu, ng'alabidde mu buli kasonda, okukkiriza kwe kwafukibwako amafuta. Amiina! Oh, abange! Nga kyali kirowoozo! Kino mu kyo, ng'Ekyawandiikibwa kisonga ku kiki kye kyali ate n'okwogera kwa Katonda, nga n'obukakafu nga buli awo wennyini, kyafuka amafuta ku kukkiriza okwali munda Ye, okugenda akole omulimu.

Kiteekeddwa kutukola ki ffe? Twetaaga okwenenya. Twetaaga okudda obuggya. Nneeyogerako nze. Mulaba? Nnetaaga okwenyeenya. Nneetaaga ekintu ekimu. Kye ŋŋamba nti mbadde nneeyogerako amakya ga leero oba mbadde njogera ku bulamu bwange. Nze-nze-nze nneetaaga o-okuzuukusibwa.

Era bwe ndowooza ku bukakafu obwo obw'amaanyi, nga buli kintu kiteekeddwa awo mu lwatu nga kyafuka amafuta ku kukkiriza kwa Musa. Era, abange, kye yalaba awo nga mwalinga omutali…

35 Wano, yadduka okuva e Misiri, nga mazima yandibadde atandisee a- akagugumuko oba ekintu ekimu, era yandibadde-yandibadde agolokose n'atandikawo akeediimo mu Misiri era yandibadde atutte amagye gonna okulwana, wabula, mulabe, nga yalina enkumi ku luuyi lwe. Naye mu kifo ky'ekyo, yatya n'okukikola ekyo, so ng'ate amagye gaali ku luuyi lwe.

Kaakati wuuno akomawo, nga wayise emyaka ana, nga wa myaka kinaana, ng'alina muggo gwokka mu mukono gwe. Lwaki? Ekyali kyaka munda ye kyali kifuuse ekyannamaddala. Yali olwo afukiddwaako amafuta , ng'amanyi nti yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Olwo nga tewali na kigenda kumuyimiriza. Yali teyeetaaga magye Katonda yali wamu naye. Ekyo kyokka kye yali yeetaaga; Katonda awamu naye.

Oh, bw'omanya nga Katonda akutumye okubaako ky'omukolera, n'okiraba nga kitambula waggulu awo, waba tewakyali kyonna kisobola kulemesa. Ekyo kiba kimala.

36 Nzijukira ebiseera Mukama lw'Abaddengako ky'andaga ku bigenda okubeerawo, era awo bwe nnyambuka ne nkirabira ddala nga kiri awo, engeri… Oh, nga kuba kwewulira! Embeera ebeera mu bufuge; ky'ekyo kyokka, olaba, kubanga Katonda yagamba bw'atyo.

Nzijukira, bangi ku mmwe mujjukira, akalenzi akato akaazuukizibwa mu Finland, okuva mu bafu, akaali kattiddwa mu kabenje k'emmotoka. Ne nnyimirira awo ku mmabbali g'oluguudo, ne ntandika okutambula nva awo akaana we kaali, ne nkyuka okutunula emabega. Ne wabaawo ekyanteekako omukono ku kibegaabega kyange, nze ne ndowooza nti yali Waluganda Moore, kyokka nga tewali ali kumpi nange. Bwe nnatunula emabega, ne nsitula amaaso okutunula ku lusozi ne ndaba. Ne njogera nti, “Kale, olusozi olwo nnina we nnali ndulabye, ng'era si we twali twambukidde. Twajjira mu kkubo ddala. Olusozi olwo luli ludda wa? Ne ntunula ne ndaba emmotoka eyo emmanga eyo, eyonoonese; ne ndaba akalenzi ako awo

ne…nga kalina enviiri mu ngeri ey'omusono, nga bwe tutera okukiyita wano. Amaaso nga gaguddeyo, ng'Ow'oluganda Way bwe yali luli bwe yagwa. Akagere ke nga kayise mu sitokisi, akagulu ke we kaali kamenyekedde. Ng'omusaayi gufuluma mu maaso ge, amatu n'ennyindo. Ne ndaba akapale kaako akampi; nga bakasibye n'amapeesa, *wano,* mu kiwato kyako; sitokisi zaako nga zinaanuuse nga mpanvu nga bwe twateranga okuzambala emyaka mingi egiyise.

37 Ne nneetoolooza amaaso okutunula, ne ndabira ddala, engeri yennyini Omwoyo Omutukuvu bwe yali akindaze emyaka ebiri nga tekinnabaawo, era bangi ku mmwe mwakiwandiika ne mu Baibuli zammwe, mu ggwanga lyonna nga kyali kya kubeerawo. Oh, awo, Olwo embeera yonna ebeera mu nteeko. Ssi nsonga afudde kye nkana wa, si nsonga omulala yenna agambye ki; kiba kiwedde. Aba alina okukomawo!

Ne ŋŋamba nti, "Omwana ono bw'atazuukira okuva mu bafu, nga ndi nnabbi wa bulimba, mba sikiikiriddde bulungi Katonda nga bwe kigwanira. Kubanga bwe nnali eka emyaka ebiri, Yaŋŋamba nti kino kijja kubaawo. Era abaweereza bano nga bali awo ne byonna, bonna nga kiwandiikiddwa ku mpapula za Baibuli zaffe, era kiikino wano ddala. Mukisome ku mpapula ezo engeri gye kyalina okuba 'mu ggwanga, nga kiyuuguumya n'enjazi, na buli kimu, okuttibwa na buli kimu…nga kyalina kuba ku mmabbali g'oluguudo ku mukono ogwa ddyo.'" Ne njogera nti, "Kiikyo awo. Tewali kisobola kukiyimiriza. Embeera emaze okubeera mu bufuge."

Okukkiriza okwali mu mutima gwange kwafukibwako amafuta. Oh, kale ,singa mbadde nsobola okunnyonyola ekyo kyokka! Okukkiriza okwo Katonda…kwe nnalina mu Katonda, okwaŋŋamba, tekulemererwangako, kwaŋŋamba nti, "Kaakati embeera eri mu bufuge. Kiikino ddala nga bwe nnakulaga emyaka ebiri egiyise, era kiikino wano nga kiri mu ngeri ddala gye kyalimu. Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kwogera ekigambo." Era akalenzi kaazuukira okuva mu bafu."

38 Nnali nga ndowooza nga bwe ntunula emabega ku w'Oluganda Fred Sothmann, atudde awo, n'Ow'oluganda Banks Wood na bonna. Luli nga tuli engule eyo ku-ku luguudo lw'Alaska, engeri gye nnayimiriramu wano ku kkanisa ne mbagamba byonna ku nsolo eyalina amayembe nga ag'ensama. Nga gali yiinki ana mu bbiri, n'eddubu erya kikuusikuusi. Nnali sibeerangayo kko eyo n'engeri ekyo…gye nnali ŋŋenda okulifunamu, n'engeri gye kyali kigenda okubaamu, na bameka abaalina okubeera nange, n'engeri gye baalina okwambalamu. Mukimanyi, buli omu ku mmwe, wiiki eziwerako nga tekinnaba kubeerawo.

Era bwe nnayingiramu eyo, nga sikimanyi, ensolo eyo nga yiiyo awo. Nange ne ŋŋenda era-era yo...kyali ekitasoboka. Singa wabaddewo omuyizzi yandibadde asobola okumanya, oba abaliwulira olutambi luno, engeri gy'otosobola kumala gasaatuukira mu maaso ga nsolo, eba esobola okubuuka n'edduka. Naye teyadduka.

39 Nga yiiyo mu maaso gange. Yiiyo awo ey'ekikuusikuusi mu ngeri yennyini. Nga luula eri awo, olukoba olupima okulaga obukakafu bwa kino. Waakiri ejjembe nga lijja kubulako oba okusooloobamu yiinki bbiri. Bwe liba nga liri ku nsolo nga terinnakala n'awo nga likaze oba ng'oliggyeeko. Wabula lino teryabulako wadde akatono. Nga ky'ekyo kyennyini awatali kusuula yiinki yonna, yiinki ana mu bbiri. Mulaba? Kikuusikuusi yaffe nga yiiyo awo eggudde awo, ng'amagulu gali fuuti musanvu obuwanvu nga bwe kyali kyennyini, na buli kimu mu ngeri yennyini nga bwe kyali, kaakati nga eri awo wansi.

Naye omusajja ono bwe yayogera gye ndi nti, "Ow'oluganda Branham, kaakati laba, ensolo gye wayogerako tugirina wano, naye waŋŋambye nga tonnakkirira lusozi ojja kufuna eddubu erya kikuusikuusi nga tonnatuuka ku ntobo y'akasozi, okuddayo eyo abalenzi gye bali, abalina essaati eya kiragala."

Ne njogera nti kiri "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Katonda yayogera bw'atyo,

Naye, ow'Oluganda Branham," yagamba nti, "Buli kimu nsobola okukiraba wano, mu mmayiro eziwerako, ndaba nga tewali kintu. Ligenda kuva wa?"

40 Ne ŋŋamba nti, "Si kyange okubuuza ekibuuzo. Katonda Yayogera bw'atyo! Ate ye Yakuwa-yire. Asobola okuleeta eddubu awo. Asobola n'okuteeka eddala wali." Era Yakikola. Nga liiryo awo. Ebeera mbeera eri mu bufuge.

Musa bwe yalaba ng'akuziddwa olw'ekigendererwa kino, ate nga baali basisinkanye maaso ku maaso, Katonda ono omukulu ayali amuyise, n'amufukako n'amafuta, n'amwawula okuva ku balala, n'agamba nti, "Musa, kuno kuyitibwa kwo. Nkutuma ggwe, era nja kukulaga ekitiibwa Kyange. Nzuuno wano mu kibira, nga kyaka. Sserengeta! Nja kubeera naawe." Yali teyeetaaga na muggo yalina Ekigambo, ekyali kikakasiddwa, kale wuuyo n'agenda. Kyafuka amafuta ku kukkiriza okwali mu ye.

Naffe kitufukako amafuta bwe tukiraba nti mu nnaku ezisembayo ze tulimu, okukizuula ng'obubonero buno bwonna bwe tulaba bugenda mu maaso, nga bwe bwayogerwako mu Byawandiikibwa, bwe birina okuba mu nnaku ezisembayo; okuviira ddala mu Ggulu, eri obuyinza obw'ebyobufuzi, n'obutonde bw'abantu, n'engeri ensi gy'egudde mu mpisa, mu bakazi n'engeri gye balina okukolamu mu nnaku ez'oluvannyuma, engeri abasajja gye balina okukolamu, engeri ekkanisa gye zirina okukolamu, engeri

amawanga gye galina okukolamu awamu n'engeri Katonda gy'alina okukolamu. Ne tubiraba nga biri ddala mu maaso gaffe bwe bityo.

Oh, ekyo kifuka amafuta ku kukkiriza kwaffe. Kitutwala mu nkulungo ez'amaanyi. Mulaba? Ki-kitwawula ku bintu ebirala eby'ensi. Olaba? Sinsonga tuli batono kyenkana wa, oba tuli ba lubatu kyenkana wa, oba batusekerera kyenkana wa, n'okujeregebwa, tekirina njawulo gye kikola. Ky'ekyo kyokka. Tukiraba. Waliwo ekiri muffe. Twateekerwateekerwa okulaba ekiseera kino, era tewali kigenda kutuyimiriza kukiraba. Amiina! Wano Katonda akyogedde. Ki-kimaze n'okubeerawo. Tukiraba. Oh, nga twebaza Katonda olwa kino! Oh, olwo, kiggyayo okukkiriza kwo bwe tulaba ebintu bino nga bibeerawo wano.

41 Kaakati, wano nate tukisoma ekyo, nti, "Musa yalowooza ekivuma ku lwa Kristo okuba obugagga okusinga obwe Misiri." Yalowooza okuvumibwa olwa Kristo.

Kaakati jjukira "Ekivume kya Kristo." Mulabe nga waliwo ekivuma mu kuweereza Kristo. Bw'oba ng'oli wa ttuttumu nnyo eri ensi, olwo oba tosobola kuweereza, oba toweereza Kristo. Nedda, tosobola. Kubanga, olaba, waliwo ekivuma ekigenda na kyo. Ensi bulijjo evumyenga.

Emabega ddala eyo, enkumi z'emyaka egiyise, waaliwo ekivuma ekyagenda nakyo. Ne Musa okubeera Falaawo, ye yali alina okuddako, mutabani wa Falaawo. Ye yali Falaawo eyali agenda okuddako, ng'alina n'okuganja mu bantu kyokka nga ye "yakirowooza…" Okukiroowooza kitegeeza "okussaako omutima." Anti "Yalowooza nnyo ekivuma kya Kristo okusinga ebintu byonna eby'e Misiri, bye baali abasobola okumuwa." Misiri yali mu mikono gye. Wabula, nga ate era, amanyi nti okutwala ekkubi lya Kristo kyali kivume, naye yali musanyufu nnyo okumanya nga waaliwo eky'omuwendo ekyali mu ye, ekyamusobozesa okutwala enkola ya Kristo, manyanga, ekivuma kya Kristo, okusinga ebimasamasa, bye ya-yali asobola okusikira. Ye yalina obusika munda mu ye obwali busingira wala obusika bw'okungulu obwali obw'okumuweebwa.

42 Oh, singa tubadde tusobola okubeera bwe tutyo olwa leero, ne tuleka Omwoyo Omutukuvu n'afuka amafuta ku ekyo ekiri munda yaffe, okukkiriza okwo, eri obulamu obutya Katonda, era obwewereddeyo ddala eri Kristo!

Kaakati, n'okukkiriza okufaanana bwe kutyo nga kwe yalina, yeetegereza, era n'akitwala ng'ekivume kyali kitiibwa.

Olwa leero, omuntu omu asobola okugamba nti, "Owange, oli omu ku bantu abo?" "Uh-uh, kale uh." Owulira nga kikuswazaamu.

Wabula ye Yakirowooza okubeera eky'obuggaga okusinga ensi yonna, kubanga munda mu ye mwalimu ekintu kye yali asobola okufulumya ng'ayogera nti, "Yee, nze-nze kino nkirowooza. Kino kya kitiibwa nnyo. Ndi musanyufu okubeera omu kubo." Mulaba? Anti "Ndi musanyufu okwebala nga Omwebbulaniya so si Mumisiri."

43 N'Abakristaayo olwa leero bandibadde boogera ekintu kye kimu. "Ndi musanyufu okuba Omukristaayo, okwewalira ddala ebintu by'ensi, n'enkola y'ensi. Si nga mmemba wa kkanisa kyokka, naye ng'Omukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, oyo abeerawo okusinziira ku Byawandiikibwa. Wadde nga basobola okumpita, n'abamu ba mmemba b'ekkanisa nti 'Omuzoole,'. so nga ekyo nkitwala okuba eky'omuwendo okusinga-okusingira ddala nga bwe nnaandibadde ow'ettuttumu mu kibuga oba mu ggwanga. Nfundako okubeera bwe ntyo okusinga Pulezidenti wa Amerika oba-oba kabaka afuga ku ensi. Mukiraba? Ekyo nki-nkirowooza nnyo, kubanga Katonda mu kusaasira Kwe, n'emisingi gy'ensi-egy'ensi nga teginnabaawo, Yandaba nze, n'Anteekamu akasigo akatono munda eyo, nti okukkiriza kwange kulibuuka okusukkuluma ebintu bino eby'ensi. Kaakati ampise, era n'ekifo kyange nkikkiriza."

44 Nga Pawulo bwe yagamba nti, yalowooza nnyo ku Yafeesi ye okusinga …mulabeeyo, era, oh, Katonda yali amuyise okuva ku musomesa ow'ekitalo nga Gamalyeri. Naye Pawulo yali ayitiddwa okuba ssaddaaka olwa Kristo. Olaba? Ekintu kaakati ky'ekimu.

Weetegereze, n'okukkiriza okufaanana bwe kutyo, teyeesigama ku kulaba kwe, ekyo kye yali asobola okulaba. Kaakati, talina kye yalaba bweru eyo, wabula abantu abaali mu bbumba bokka, abaddu, abali mu kkomera, nga battibwa buli lunaku, nga bakubibwa kibooko, nga basekererwa, enzikiriza zaabwe ez'eddiini baali "bazoole". Era kwaliko Falaawo atudde ku ntebe y'obwakabaka, eyali tamanyi nga tafaayo ku ddiini yaabwe. Yali talina ky'agimanyiiko. Yali mukaafiiri, n'olwekyo ye…Nga kifaananyi kyennyini ekya leero! Era kiikyo awo, eddiini ey'enjawulo. Kale, kyandibadde kitya eri Musa mu ntebe yennyini n'omukulembeze, oba, omuntu ow'ekitalo, Falaawo, okutwala ekifo kye ng'afudde, yali musajja mukadde. Ate nga Musa yalowooza okuyitibwa okwo… yatunula ebweru eyo, mu ddirisa lye limu Falaawo mwe Yatunuuliriranga, kubanga yali mu maka ge.

Falaawo bwe yatunulanga ebweru, n'alaba abantu abo abaali bawanise emikono gyabwe, nga balina okubakuba okutuusa okufa kubanga baalinga basaba. Ne babayisaamu ekitala kubanga balemererwa, okujeema ekaseera konna, nga babakozesa okutuuka ng'emibiri gyabwe emikadde nga giyenjebuse

okusaanawo ate ne babawa ekitundu ky'essowaani y'emmere. "Kale, tebaali kintu kyonna wabula akabinja k'abazoole kokka, abatabalibwa ng'abantu."

45 Kyokka ate Musa, okukkiriza okwamulimu, bwe yabatunulako, n'agamba nti, "Bantu ba Katonda abaaweereddwa omukisa." Amiina. Ekyo nkyagala. N'okukkiriza okwo, amaaso ge tegaatunuulira ebimasamasa eby'e Misiri, gaggukkira ku kisuubizo kya Katonda. Eriiso lye ery'empungu ly'alaba okusukka ebimasamasa eby'e Misiri. Yajjukira nti afuuka ng'empungu kaakati. Oh, ekyo nga nkyagala! Huh! Abange!

Mirundi emeka leero, olwa leero, Abakristaayo nga beesigama ku busimu bwabwe, ne ku ebyo bye basobola okulaba, oba ku ebyo bye basobola okutegeera, okuggyako okukkiriza kwabwe, ne weesigama ku ekyo ky'osobola okulaba n'eriiso lyo, n'okumasamasa. Nga abakazi mmwe, ntera okubakoowoola, muteekeddwa okuleka enviiri zammwe zikule, muleme okwebbyuula, mulina okweyisa ng'abakyala ate Abakristaayo. Bw'otunula ku nguudo, n'olaba abakazi nga bambadde bubi. Kale, ggwe olowooza nti, "Kirungi, alina ekkanisa mwali, lwaki ekyo sikola?" Mulaba? "N'alyoka asalako enviiri ze, lwaki-lwaki nze ekyo sikola? Kale, alabika ng'omulungi ate omugezi nga n'ekikula kye sikirina. Kale, lwaki ekyo nze sikola? Nteekwa okukikola." Bw'okikola ekyo okukkiriza kwo okusannyalaza. Mulaba? Okukkiriza kwo oba tokuwadde mukisa kukula. Ekyo kitandikeko nga bwe njogedde.

46 Waliwo eyagamba nti, "Ow'oluganda Branham, eggwanga, n'abantu, bakutwala nga nnabbi. Toteekwa kukambuwalira bakazi bw'otyo, n'abasajja bw'otyo, olw'ebintu bino. Ggwe, o-olina kuba ng'obayigiriza ngeri ya-yakulagula n'okufuna ebirabo by' Omwoyo."

Ne njogera nti, "Nnyinza ntya okubasomesa okubala nga tebamanyi n'ebyabwe ebisookerwako" (ABC?" Mulaba?"

Kaakati, tandikira ku ekyo. Sooka werongoose bw'ofuluma ku nguudo ofaanananga Omukristaayo, mu ngeri yonna, mulaba, ate olwo ogende mu maaso nga bw'okola bw'otyo. Olaba? Era ekyo tosobola kukikola mu ggwe munda. Kirina kwetaagisa Kristo Ajje mu ggwe. Olwo ensigo bw'eba omwo, Ekitangaala ne kimala kigyakako, eba egenda kujja eri Obulamu. Bw'etajja eri Obulamu, kitegeeza temwalimu kyali kisobola kujja eri Bulamu. Kubanga, ddala kikakasiddwa eri endala, olaba, ejja eri Obulamu amangu ddala ng'Ekitangaala kigyaseeko.

47 Mmanyi nti okwo kuba kunenya eri abakazi, abo abawulira olutambi luno, abo abajja okuluwulira. Kunenya gy'oli ggwe mwannyinaze. Kulina okuba. Kulina kuba kubanga kyeyoleka. Sifaayo kiki ky'okoze; oyinza okuba ng'obadde munnaddiini, obulamu bwo bwonna, oyinza okuba ng'obaddenga mu kkanisa, kitaawo ayinza okuba nga muweereza, oba bbaawo nga muweereza; naye kasita ojeemera E-Ekigambo kya Katonda, kiba kyeyoleka nga tewali bulamu mu ggwe. Bw'olaba engeri ekintu gye kyanjuluziddwaamu, era n'Obulamu obw'Omwoyo Omutukuvu, mutunuulire bw'agwa ku balala. Labayo kye bakola, ekyo ky'abaleetako. Tekyewuunyisa, lwaki…

Nga kwali kunenya eri Abafalisaayo abo, abaayita Yesu, bwe Yasobola okutegeera ebirowoozo byabwe, Yabayita, "Beeruzebuli."

Era omukyala oyo malaaya yagamba nti, "Lwaki, omusajja ono ye Masiya. Ekyawandiikibwa kigamba nti Alikola kino." Olaba, ensigo eyo eyateekerwateekerwa yali eri awo. Ekitangaala bwe kyagijjako, yajja eri Obulamu. Tosobola kugikuumira wansi. Tosobola kukweka Bulamu.

Osobola okuyiwa enkokoto ku muddo, n'ogutta mu biseera by'obutiti embeera y'obudde eyo ebeerawo ng'obutiti buwedde ate nga ebbugumu terinnatandiika egenda okutuuka, omuddo gwo nga guli ludda wa? Awo ddala okuliraana omugguukiriro gw'enkokoto. Kubanga ensigo eyo eweebwa amaanyi okumera wansi w'ejjinja, akasana bwe katandika okwaka, tosobola kugikwatirayo wansi. Ejja kuwaguza ekole ekkubo lyayo okuvaayo etuukire ddala ku mugguukiriro gw'ekyo n'eryoka esitula omutwe gwayo okuwa olw'ekitiibwa kya Katonda. Labayo, tosobola kukweka Bulamu. Akasana bwe kaaka ku bulamu bw'ebimera; birina okuba ebiramu.

48 Olwo nno Omwoyo Omutukuvu bw'agwa ku Bulamu bw'Ebyawandiikibwa obuli mu muntu, buleeterawo ebibala byabwo. [ow'Oluganda Branham akuba entoli-Omuk.] mulaba?

N'olwekyo, ng'oggyeeko obwesimbu n'obutuufu bwo, engeri gy'oyogeramu ky'otali, okwogera, ng'ogamba nti bo baali…Abakazi bano abambala engoye zino embi, naddala okwambala obukunya, nkunamyo z'okunguudo. Wadde nga tokkiriza kuba ekyo, tekisobola kukuleetera kukkiriza. Osobola okwekakasa nti tolina musango gwa bwenzi, naye mu Kitabo kya Katonda, oli mu kukola bwenzi. Yesu yagamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, ng'ayenze naye mu mutima." Kyokka ggwe obadde weeyanika mu nnyambala efaanana bw'etyo. Olaba, ekyo tosobola kukiraba okuggyako ng'Obulamu obwo mwebuli omwo.

Bw'otunuulira omuntu omulala, ogamba nti, "Kale, mmanyi mwannyinaze Jones. Ow'oluganda Jones wa…muweereza. Mukazi we akola *kino* n'akola na *kiri*."

Sifaayo kiki *ekyo* ky'ekikola; kino Kigambo. Yesu yagamba nti, "Leka buli kigambo kya muntu bubeere obulimba wabula ekyange gabeere Amazima." Eyo Baibuli. Era Ekitangaala ekyo mazima bwe kigyakako, erina okujja eri Obulamu. Eba eteekeddwa okujja eri Obulamu.

49 Kaakati, eriiso lya Musa ery'ekitalo, lyatunula okusukka okumasamasa kwe Misiri.

Omukkiriza owannamaddala leero, sinsonga ekkanisa egamba ki, oba omuntu omulala yenna agamba ki; Ekitangaala ekyo bwe kimwakako, alaba okukakasa kwa Katonda kwennyini, Empagi y'Omuliro eyo ng'eyimiridda ddala awo, n'obubonero n'ebyamagero ebyasuubizibwa, Ekyawandiikibwa nga kyerambise awo, ensigo eyo ejja eri Obulamu, sinsonga batono batya, era bameka abali mu batono abo. Ekibinja kya Katonda bulijjo ky'ekibaddenga ekitono. Mulaba? "Temutya mmwe Ekisibo ekitono-ekitono, kwagala kwa kitammwe okubawa mmwe obwakabaka." Olaba? Bo bakifuna. Katonda kimukakatako okubayingizaamu ng'abaggya mu buli kibiina kya ddiini, mu buli nteekateeka buli wantu wonna, okukiraba, bwe baba nga baayawulibwa eri Obulamu.

50 Tunuulira nnamukadde Simyoni, yayawulibwa eri Obulamu. Masiya bwe yajja mu Yeekaalu, mu kikula ky'omwana omuwere mu mikono gya nnyina; Simyoni emabega eyo mu kisenge, yali asoma. Omwoyo Omutukuvu yamusitula, kubanga yali alindirira. Obulamu obwo bwali mu ye. Yagamba nti, "Sirifa okutuusa nga ndabye ku Kristo wa Mukama." Era wuuyo awo Kristo wa Mukama mu Yeekaalu. Omwoyo Omutukuvu yamukulembera okuva ku mulimu gwe, n'amufulumya, wuuyo munda, n'asitula omwana mu mikono gye, n'alyoka ayogera nti, "Kaakano siibula omuddu wo agende mirembe, kubanga amaaso gange galabye obulokozi Bwo."

Waaliwo nnamukadde omukazi omuzibe w'amaaso mu kasonda, erinnya lye Ana, eyaweerezanga Mukama emisana n'ekiro. Naye Yabeeranga ateebereza nga bw'agamba nti, "Masiya ajja. Nsobola okumulaba ng'ajja." Wabula nga yali muzibe. Mu kiseera ekyo kyennyini, awo bwe Yali naye ng'ali awo… Obulamu obwo obutono obwali mu ye, obwalinga buteebereza, nti, "Alibeerawo! Alibeerawo! Alibeerawo!" Olwo Obulamu obwo bwennyini, Ekitangaala kyajja mu kizimbe, mu kikula ky'Omwana Omuwere, nga "omwana omweboolereze," ng'azingiddwa mu bugoye bwe nga bw'ayita mu kizimbe. Omwoyo Omutukuvu n'alyoka akuba omukazi ono omuzibe, n'alyoka ajjira mu Mwoyo, okuyita mu bantu, n'Asitula Omwana ono waggulu; n'awa omukisa nnyina awamu n'omwana, era n'ategeeza n'ebyali bigenda okubeerawo ku mwana ono mu biseera ebigenda okujja. Labayo nga yayawulibwa eri Obulamu! Mulaba?

Mubatunuulire bo, baali tebawera wadde daziini. Waaliwo Emyoyo munaana gyokka egyalokolebwa mu biro bya Nuuwa, nga tekisoboka kuba bangi, wabula bonna abaali baayawulibwa eri Obulamu baayingira mu kiseera ekyo. Mulabeeyo engeri Omwoyo Omutukuvu gy'akolamu mu buli mulembe, ng'awalula abantu.

51 Awo nno, tukizuula ng'okukkiriza kwa Musa kwamukulembera okwetegereza ennyo ebyo ebyali bigenda okubaawo, so si ebyo ebyaliwo. Ng'atunuulira enkya okusinga okutunuulira leero. Ng'atunuulira ekisuubizo okusinga ebimasamasa. Ng'atunuulira bantu okusinga ekibiina. Mukiraba? Katonda Yakola bw'atyo.

Lutti yasobola okulaba okumasamasa kw'okukulaakulana emmanga eyo mu Misiri, oba e Sodoma. Nga Lutti asobola okulaba ebisoboka ebya-ebya ssente ennyingi. Lutti ng'asobola okulaba okukula…ebisoboka bwe yatunula e Sodoma, oba oli awo ng'asobola okufuuka…Olw'okuba nga yali Mwebbulaniya, ayinza okufuuka omusajja ow'amaanyi eyo, kubanga yali musajja muyivu nga kizibwe wa Ibulayimu, awo ye n'asalawo okugenda e Sodoma. Obuyivu bwa Lutti bwamuleetera okulaba ebimasamasa by'enkulaakulana. Obuyivu bwa lutti, bwamuleetera okulaba omukisa gw'ebimasamasa. N'okukkiriza kwe ne kussannyalazibwa olw'ebyo, teyasobola kulaba muliro ogwali gugenda kwokya bulamu bwa kika ng'ekyo.

Bwe batyo abantu bwe bali n'olwa leero. Balaba ebisoboka bwe beegatta ku kibiina ekinene, balaba ebisoboka bwe bayimirira n'abantu ab'ebitiibwa mu kibuga, wabula tebalaba bisobo… Tebalaba kukkiriza kwabwe bwe kussannyalazibwa. Ekyo leka nkiddemu, muleme okukitegeera obubi. Abakazi leero, bo, nga bwe njogera, baagala-baabala nnyo okweyisa ng'abazannyi ba firimu. Ate abasajja bo baagala kuba ng'abazannyi ba komedi ku Telefayina.

52 Ababuulizi leero kiringa abaagala nnyo okufuula amakanisa gaabwe ng'ebimu ku bisulo eby'omulembe eby'ekika ekimu, ku bwa mmemba n'ebirala. miwendo n'ebirala. Balaba ebisoboka oba oli awo okufuuka ba Bisopu, oba abalabirizi b'oku ntikko oba ekintu ekifaanana bwe kityo, bwe baba nga banaasigala awamu n'ekkanisa; nga baleka Ebyawandiikibwa, nga ate biri ddala mu maaso gaabwe, nga awatali kuwannaanya kwonna, bikakasiddwa n'Amaanyi ga Katonda, n'Ekigambo kya Katonda omulamu nga kiramu mu bantu. Era nga tebakyagala. Nga bagamba nti, "Tetwagala kwetabiikiriza na kintu kifaanana bwe kityo." Kijja kubaggyako zi kaadi zaabwe ez'okukuŋŋaana. Kijja kuggyawo enteekateeka z'ebibiina byabwe eby'amadiini. Ate nga basajja beesimbu, nga bw'olaba Lutti, ng'atudde emmanga eyo mu Sodoma ng'amanyi nti ekyo kikyamu. Mulaba? Olaba? Bwe bakola batyo, baba bakola ki? Bassannyalaza okukkiriza okutono kwe baba balina. Kuba tekusobola kukola.

53 Kale nno, Musa awaayo ebyo, era n'atuula…okukkiriza kwe kwasannyalaza ensi.

Naawe okukkiriza kwo kujja kusannyalaza ebimasamasa, oba byo bijja kusannyalaza okukkiriza kwo. Kaakati, nno, oba olina okutwalako kimu, oba ekirala. Ate olaba nga yo Baibuli tekyuka. Katonda takyuka. Ye Katonda atajjulukuka.

Era kaakati, olwa leero tuzuula nti abantu b'olunaku luno, olaba, nga batunuulira bintu binene, ebibiina ebinene. "Nze mbeera ne gundi ne gundi." Mulaba? Bwe baserengeta emmanga eyo, labayo nga tebalina njawulo n'ab'oku nguudo. Nga tewaaliwo bintu birala. Baalinawo okutegeera okw'ekiyivu kutono, nga bagenda n'okwo. Bw'oyogera ku kuwonyezebwa kw'Obwakatonda, Empagi y'Omuliro, Ekitangaala kya Katonda, bagamba nti, "Okwo kufumiitiriza kwa mu bwongo."

54 Luli, omusajja yasitula ekifaananyi kya Malayika wa Mukama, yali Mubaputisiti, n'akisekerera. Mulaba, okwo-okwo kuba kuvvoola. Mukiraba? Tewali kusonyiyibwa ku ekyo.

Mulabe ng'ekyo Yesu kye yayogera, mulaba. Kuba kuvvoola; buli lw'olaba nga kikola ekintu ky'ekimu Kristo kye yakola. N'alyoka agamba…bwe baalaba emirimu egyo mu Kristo, Yali nga ye Ssaddaaka, naye ne bamuyita "Beeruzebuli, setaani," kuba Yali akikola. Era kaakati bagamba… Yagamba nti, "Mbasonyiye oku lw'ekyo. Naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja okukola ekintu ky'ekimu, n'omala oyogera ekigambo okumuvvoola, tekirikusonyiyibwa, mu nsi ya kaakano wadde eyo egenda okujja." Mulaba? Nga kikwetaagisa ekigambo kimu kyokka okumuvvoola. Olaba? Era olwo…

Kubanga, bwe kiba ng'Obulamu obwo, bw'oba nga wayawulibwa eri Obulamu Obutaggwaawo, awo Obulamu obwo buyinza okweyanjuluza ng'okirabye. Osobola okukyekkaanya, ng'omukazi w'oku luzzi, era-era n'abalala ab'enjawulo. Naye ensigo eyo bwe tebaamu, tesobola kujja eri Obulamu, kubanga munda temuliimu ky'ojja na kyo eri Obulamu. Nga omukadde mmaange bwe yateranga okwogera nti, "Tosobola kufuna musaayi kuva mu kimera," kuba mu kyo temuliimu musaayi. Kale, kaakati ky'ekintu kye kimu.

55 Ekyo kimala okusannyalaza okukkiriza okutono kw'olina. Lutti yali asobola okulaba ebimasamasa, naye teyalina kukkiriza kumala okulaba omuliro ogwali gugenda okuzikiriza ebimasamasa ebyo.

Nneebuuza mu nze oba nga ffe tukulina? Muli nneebuuza oba nga ffe, kale, ng'abakazi abaagala okubeera ab'ettutumu, abaagala okweyisa nga-ng'abalala bwe beeyisa mu kkanisa, bwe balaba ekyo, baagala kweyisa ng'abalala. Ba-basobola okulaba ebisoboka bo okufuuka ba nnalulungi, nga beebbyuula. Basobola okulaba omukazi nnalulungi olw'okulabika ng'omuwala omuto, okuyita mu kusalako enviiri, n'okweyisa ng'abalala bonna oba ng'abazannyi ba firimu. Wabula, nneebuuza oba nga tekisannyalaza kukkiriza kwabwe, okumanya nti Baibuli egamba nti, "omukazi akola ekyo wa…mukazi wamuzizo," era "omukazi ayambala ekyambalo ky'omusajja, wamuzizo mu maaso ga Katonda," obupale, na buli kimu, ebinu ebyo bye bambala. Kifuuka kigumu nnyo okutuusa lwe kifuukira ddala ekya bulijjo abatu okukikola. Nneebuuza oba nga temusannyalaza kukkiriza kutono kwe mwalina, n'okugenda ku kkanisa, mulaba. Ekyo kye kikolera ddala.

56 Lutti ekyo yakikola, ne kimusannyalaza, ne kisannyalaza n'abantu be emmanga eyo. Baali tebasobola kukiraba.

Naye Ibulayimu, n'okukkiriza okukakasiddwa, kojja we, ye teyatunuulira bimasamasa, nga talina na kyabyagaza, wadde ng'obulamu bwakalubamu. Ne Saala n'abeera eyo mu ddungu eyo obulamu nga bukalubo, nga ne ttaka ggumba. Wabula tebaalaba bimasamasa wadde ebisoboka bo okuba ab'ettutumu.

Saala, omukazi omubalagavu ennyo mu nsi, Baibuli bw'egamba. Yali mulungi, asinga bonna. Naye n'asobola n'okubeera ne bba ng'ate amugondera, okutuusa ne bwe yamuyita nti, "mukama" oyo Baibuli gw'ejuliza n'addala mu-mu Ndagaano Empya; ng'egamba nti, "Muli bawala b'oyo, kasita musigala nga mukkiriza." Mumulabe, ng'ayita bba "mukama".

Malayika wa Mukama n'akyalira Yeekaalu yaabwe era…oba ka weema kaabwe eyo, okubaako ky'abagamba. Tebaalina na nnyumba ya kubeeramu; baali eyo mu nsi eŋŋumba. Era awo w'oli. Olaba olunaku bwe luddamu okufaanagana nate, nga bwe kyali ddala luli?

57 Musa mu kukkiriza kwe okw'amaanyi nate, yali asobola okugamba nti, "nedda" eri ebintu by'ensi ya kaakano, ng'asobola okukola okusalawo okutuukiridde. Yasalawo okubonaabona n'abantu ba Katonda. N'asalawo okugenda nakyo. Lwaki? Okukkiriza kwe! Yalaba ekisuubizo. Yalaba ekiseera eky'enkomerero. Yalaba mu by'enkya, n'aleka okukkiriza kwe nga takuttuzze. Era teyassaayo mwoyo ku ebyo amaaso ge bye gaalaba mu bisoboka wano, nti ye yali Falaawo nga yali era agenda kufuuka Falaawo. Yabibuusiza ddala amaaso n'alaba eby'enkya.

Oh, singa abantu babadde basobola okukola ekyo, nga tebalaba nsi ya kaakano. Nga bw'otunuulira ensi ya kaakano, okusalawo kwo kuba ku yo. Amaaso go gakweke okuva ku ebyo, ogatunuulize ekisuubizo kya Katonda, ekyo ekiri eyo mu by'enkya.

Olw'okukkiriza kwe yali asobola okulonda. Yalondawo okuyitibwa omwana wa Ibulayimu naye n'agaana okuyitibwa omwana wa Falaawo. Yali asobola atya, ng'obwakabaka bwonna… Misiri yali ekubye ensi yonna. Yali kabaka wa nsi yonna, ate nga yali muvubuka wa myaka ana egy'obukulu, nga mwetegefu okutwala entebe y'obwakabaka. Wabula ye teyatunuulira buyi…

58 Labayo, abakazi bandimwetooloodde, buli lunaku, nga bonna beebikiridde obukaaya. Tunuulira ebimasamasa; n'atuula ne yenywera omwenge, nga bw'alaba bamwambala bukunya, nga bazina eno nga bwe bamusanyusa… N'abakazi okuva mu nsi yonna, n'eby'omuwendo, n'ebyobugagga, amagye ag'ebweru. Ekintu kye yalina okukola kyokka kwe kwetuulira ne yeerira emmere eno ennungi nga bw'agamba nti, "muweereza e…mufune ekibinja ky'amagye omuwendo bwe guti ne bwe guti mugende muwambe eggwanga gundi ne gundi. Nzikiriza ndyagala bwagazi." Ekyo kye yalina okukola kyokka. Atuule awo, ng'eno bwe bamuwujja, nga bamwasamya; naddala bamwambala bukunya ab'olunaku olwo, nga bwe bamuyiwayo akenge, ba nnalulungi bonna mu nsi. Ebimasamasa byonna ebyali eyo byali biri mu maaso ge.

Naye ye yakola ki? Yabiggyako amaaso. Yamanya ng'omuliro gwali gwetegese okubyokya. Yali amanyi ng'okufa kwali mu ebyo. Mulaba? Yamanya nga kyali bwe kityo. Naye n'asuumusa amaaso ge eri abanyoomebwa, era abantu abagaaniddwa, mu kusalawo kwe n'asalawo okutwala ekivume kya Kristo, n'alyoka agamba nti, "Ndi mwana wa Ibulayimu, era siri mwana wa Falaawo ono. Ne bwe munaanfuula bisopu, oba omudikoni, ssaabalabirizi, oba ppaapa, nze siri mwana wa kintu kino. Nze ndi mutabani wa Ibulayimu era nteekwa okweyawula ku bintu by'ensi." Amiina, amiina era amiina! Olw'okukkiriza n'akola ekyo!

59 Yaggyawo ebimasamasa. Yaggyawo ebyali bimusobozesa okufuuka bisopu addako, n'aggyawo e-ebyali bimusobozesa okufuuka ssaabalabirizi, oba omulabirizi wa byonna ow'oku ntikko mu kulonda okwali kuddako, oba kyonna kye kyali, ekyo yakiggyawo. N'agaana okukitunulako.

"Kaakati, bwe nfuuka bisopu, nja kuyingirawo abantu bagambe nti, 'Kitaffe Omutukuvu' oba-oba 'Dokita gundi ne gundi' oba-oba-oba-oba 'Mukadde gundi ne gundi'. Nga, bajja abaweereza bonna mu lukuŋŋaana, bajja kunkubakubako ku ku mugongo, era nga bwe bagamba nti, 'Gamba omuvubuka oyo, omusajja alina k'eyeekoledde, nze nkubuulira. Oh, sh-sh-sh, sirika, laba, bisopu wuuno ajja, olaba. Ky'ayogera eryo liba tteeka. Laba gundi ne gundi naye azze.'" Abantu bajja kuyita kuli ku nsi nga bwe… laba ppaapa, munywegere ebigere, n'empeta, na buli kimu. Kitya, nga kisobokera ddala eri Omukatoliki, nga kisoboka eri Omupolotesitante, okuba bisopu, oba omulabirizi ow'oku ntikko, oba ekintu, omuntu ow'ekitalo mu kibiina ekimu.

Okutunuulira, wadde, mulaba, eriiso ly'okukkiriza liraba okusinga awo. Olwo osobola n'okulaba enkomerero yaakyo awo, ekyo Katonda ky'agamba nti ekintu kyonna kijja kuzikirizibwa. Okukkiriza, Eriiso lye mpungu, likusitula okusukkuluma okuva ku ekyo, n'osobola okulaba eby'enkya, so si ebya leero, era osalewo okuyitibwa omwana wa Ibulayimu.

60 Falaawo ataalina kukkiriza, yalaba abaana ba Katonda nga "Abagwengere." Ataalina kukkiriza, yabafuula baddu, nga tatya na byayogera. Yali tatya na Katonda. Yeerowooza okuba katonda. Yalowoozanga ku bakatonda be beyaweerezanga, bwe yali bisopu, nga ye mulabirizi ow'oku ntikko, nga bakatonda be bebakikola. "Ng'ekintu kino wano tekimukwatako," kye yava abafuula abaddu. Yabasekereranga, n'abajereganga. Ng'abantu ddala bwe bakoze ne leero, ekintu ky'ekimu ddala.

Okukkiriza kwa Musa kwabalaba mu nsi ensuubize. Kuyinza okuba okulwana okunene okubatuusa mu kisuubizo, naye Musa yasalawo okugenda na bo. Nga nsobola, okulwa ku kino, wabula ekiseera kyange kinzigwako. Mulaba?

61 Weetegereze, kiyinza okuba ekintu ekizibu okukyusa abantu abo. "Olina okugenda okubeera nabo, olina kuba omu ku bo, kubanga bo bagezi nti tosobola kumala ga batwala. Mulaba? Wabula wateekwa okubaawo ekibaawo ebweru eyo. Wateekwa okubaawo ekintu ekissukkulumu Ekikolebwa mu bo. Kijja kuba kintu kikalubo. Ebibiina bigenda kukugaana, na buli kimu ku bintu bino bigenda kukubaako. Kyakabenje, nga ky'olina okukola, kwe okukola okusalawo kwo."

"Ndi omu ku bo." Weewaawo. Okukkiriza kwe kwakikola ekyo. Okukkiriza kwe kwakoleeza. Yee, ssebo. N'akiraba. Nga kintu kizibu okubatuusa mu kisuubizo, wabula n'akola okusalawo mu buli ngeri agende nabo. Nga tafuddeeyo ku bye baamukola, n'engeri gye baamugaanamu, mu buli ngeri yagenda. Ng'afuluma awamu nabo.

Kaakati, nsuubira musoma. Kirungi. Agende nabo, mu buli ngeri. Wefuule, obeere omu ku bo, ekyo kituufu, kubanga ogwo mulimu gwo. Wayinza okuba olutalo olukakakli, era nga waliwo bingi eby'okuyitamu, wabula mu buli ngeri olina okugenda.

62 Naye okukkiriza kwe kwamukulembera okutwala okusalawo kw'Ekigambo so si ebimasamasa. Yatwala Ekigambo. Ekyo okukkiriza kwa Musa kye kwakola. Okukkiriza bwe kutunula mu ngeri esingayo obubi…

Jjukira wano waliwo ebimasamasa, ensi, okugulumira, kabaka w'ensi. Olwo ekisuubizo kya Katonda kyali ludda wa? Mu kinnya eky'ettosi, mu kinnya kya bbumba ly'ettosi.

Naye okukkiriza, mu ndaba y'ebintu eya Katonda esingayo okuba embi, kukyagala nnyo era ne kukiraba nga kya muwendo okusinga ensi ky'eyinza okulaga. Yee, ssebo. Okukkiriza bwe kukitunuulira, okukkiriza bwe kusobola okukiraba, okukkiriza bwe kubeera mu Kigambo, ne kusobola okulaba Ekigambo nga kirabisibwa, kisingira ddala ebimasamasa n'obwa ssaabalabirizi, na buli kintu ky'osobola okwogerako. Okukkiriza kwe kukikola. Mulaba? Osobola n'okulaba ekisembayo obubi, ekinyoomebwa, ekigaaniddwa, oba kiki kye kiyinza okuba; leka kibeere ku mbeera yaakyo esingayo obubi, wabula okukkiriza kugenda kukyagala akakadde kalamba aka mmayiro okusinga ekyo ekirungi ensi ky'esobola okufulumya. Amiina! Mu ngeri eyo mwe tuyimbira oluyimba olwo, nti "Nja kutwala ekkubo ery'abatono ba Muakama abanyoomeddwa. Mukiraba? Ha, abange!

63 Kubanga laba ng'okukkiriza kulaba ekyo Katonda ky'ayagala okukolebwa. Oh, nsuubidde nti kino kiyingidde. Okukkiriza tekutunuulira kiseera kiriwo. Okukkiriza tekulaba kiri wano. Okukkiriza kutunuulira okulaba Katonda ky'ayagala, ate ne kukolerawo. Ekyo okukkiriza kye kukola. Kulaba Katonda ky'ayagala era ky'ayagala kikolebwa, era okukkiriza omwo mwe kukolera.

Okukkiriza kino ekirengerera ewala. Tekulabira kumpi. Kunywerera ku kiruubirirwa. Amiina! Na buli mukubi wa ntomi ekyo akimanyi. Olaba? Ekyo, kulasiza wala. Kitangaaza. Kirabirwamu ekisembeza ebintu okumpi, oleme okulaba wano okumpi. Tokozesa kirabirwamu ekyo kulaba budde ki kaakati; mulabeeyo, temukozesa ekyo. Naye okozesa ekirabirwamu ekyo okusobola okulengera ewala.

Okukkiriza kukola ekyo. Okukkiriza kukwata ekirabirwamu kya Katonda, byombi, ku njuyi z'ombi, mu Ndagaano Enkadde n'Empya ne kulaba buli kisuubizo kye yakola. Okukkiriza kukirabira eyo ebussukka, era okukkiriza kwo kusalawo ekyo nga tekutunuulidde biki ebiriwo kaakano wano. Kutunuulira ku nkomerero. Tekutunuulira kumpi kumangamanga eno n'eri. Kutunuulira eri ebusukka. Kukuumira ebirowoozo byakwo ebifu ku Kigambo. Ekyo okukkiriza kye kukola. Okwo kwe kukkiriza okuli mu muntu okukola ebintu ebyo.

64 Kaakati weetegereze. Falaawo kye yayita okuyitibwa, kye yayita ekikulu, Katonda ekyo ky'ayita "eky'omuzizo!" Falaawo ng'asobola okugamba nti "Musa labayo, wano, lwaki okola bino nga ggwe ogenda kubeera Falaawo. Entaana eno nja kugikulekera nga nvudde wano. Omuggo gw'obwakaba nja kugukuwa. Gugwo. Olaba? Kale, kaakati, kino kikulu. Musa, ogenda kuba muntu mukulu. Gw'ogenda okuba bisopu. Ogenda kuba kino, ekyo oba kiri. Totuvaako. Beera wano naffe." Mulabeeyo nga ye akiyita kikulu, kyokka Katonda n'agamba nti "kyamuzizo!"

Bakazi mmwe mulowoozeeko akaseera katono, bw'ekityo naawe musajja ggwe. Ensi ky'eyita ekikulu, Katonda akiyita "bugwagwa." Baibuli si yeegamba nti "Kyamuzizo omukazi okwambala ekyambalo ky'omusajja"? ate nga mmwe mulowooza nti munyumye bwe mukikola. Mulaba? Mubeera mwanika mubiri gwa kikazi eri Setaani, era ky'ekyo kyokka. N'olwekyo Temukikola.

Nammwe abasajja abagoberera ebintu by'ensi, ne mubifubira, n'okubinywegera! Ate basajja mmwe abatalina buyinza mu maka gammwe nga muleka bakazi bammwe okukola ebintu ebifaanana bwe bityo, muswadde! Ate ne mweyita batabani ba Katonda? Kindabikira nga nkola ya Sodoma gye ndi. Mulaba? Sikukosa ndowooza zzammwe, wabula okubabuulira Amazima. Okwagala kugolola. Bulijjo bwe kuli. Maama nga tagenda kulabirira mwana we n'atamugolola, wadde okumubonerezaamu, okusobola okumuleetera okujjukira, aba si maama mulungi. Ekyo bwe kiri.

65 Kale, weetegereze, ekigenda mu maaso. Musa kino yakiraba, mu kwolesebwa. Falaawo n'alyoka agamba nti "Kino kikulu." Katonda n'agamba nti "kyamuzizo." N'olwekyo Katonda… Musa yalondawo Katonda kye yayogera.

Kaakano, weetegereze, okukkiriza kulaba kiki Katonda ky'ayagala olabe. Mulaba? Okukkiriza kulaba ekyo Katonda ky'alaba.

Wabula obusimu n'okukubaganya ebirowoozo biraba ekyo ensi ky'eyagala okulaba. Weetegereze okukubaganya ebirowoozo, anti "Ko kasimu ka buntu. Ko kakubaganya birowoozo nti kino… kale, kino si kirungi?" Olaba? Ddala kiri bw'ekityo, buli lw'okozesa obusimu obwo obukontana n'Ekigambo, olwo no laba ekyo ensi ky'eyagala olabe.

Naye okukkiriza Tekutunuulira ekyo. Okukkiriza kutunuulira kiki Katonda kye Yayogera. Mukiraba? Olina okusuula wansi okukubaganya ebirowoozo kwonna.

66 Okukubaganya ebirowoozo, n'akasimu kakyo, biraba ekyo ensi ky'eyagala olabe, ekibiina ekinene eky'eddiini. Kale, oli Mukristaayo? "Oh, ndi-ndi Mumesodisiti, Mupulesibataliya, wa Luther , Mupentekoote, na buli kimu. Ndi kino, kiri oba ekirala." Okiraba, ekyo, obwo bwe busimu. "Olaba, nze ndi wa mu kkanisa eyasooka, olaba. Oh, nze ndi Mukatoliki, ndi-ndi *kino*, *ekyo*.oba *kiri"* Mulaba ekyo, ebyo bye Mwogera. Kaakati, obwo bwe busimu. Oyagala okwogera ekyo kubanga ekibiina kyo, kintu kinene. "Kale, laba, ffe-ffe-ffe kkanisa esinga ba mmemba, kumpi mu nsi yonna. Ffe…"

Wabula waliwo Ekkanisa emu eyannamaddala, era eyo togyegattako. Ogizaalibwamu. Mulaba? Olwo bw'ozaalibwamu, Katonda omulamu Ye kennyini akolera okuyita mu ggwe, nga bwe Yeemanyisa. Olaba? Omwo Katonda mwatuula, mu kkanisa Ye. Katonda agenda buli lunaku ku Kkanisa, n'agibeeramu. Abeera mu ggwe. Ggwe Kkanisa Ye. Muli Kkanisa Ye. Muli Yeekaalu Katonda mw'atuula. Muli Kkanisa ya Katonda omulamu.mwe kennyini. Era Katonda omulamu bw'abeera mu muntu We omulamu, olwo ekikolwa kyo kya Katonda; bwe kitaba kityo, olwo Katonda aba taliimu. Teyandikulese weeyise bw'otyo, bw'agamba mu Kigambo wano, Ekyapa Kye, "Tokikola," ate ggwe n'ogenda mu maaso ng'okikola. Labayo, ekyo kikyamu. Bw'okigaana, awo ekyo kiraga nti n'Obulamu bwennyini tebukuliimu. Olaba? Ekyo kituufu.

67 Okukkiriza kwakulembera Musa mu kkubo ly'okugonda. Weetegereze, yakola…wuuyo awo Falaawo omuto, wuuyo awo omuvubuka Musa, bombi nga balina omukisa gwe gumu. Musa n'alaba okubonaabona kw'abantu, n'akibala okuba eky'omuwendo okusinga byonna Misiri bye yalina. Era ng'akulembeddwa okukkiriza, yagoberera ekyo okukkiriza kwe kye kwayogera mu Kigambo, era ne kumukulembera mu kkubo ery'okugonda, era yakomekkerereza mu Kitiibwa, mu butafa, nga talifa nate, mu Maaso ga Katonda. Okulaba n'obusimu awamu n'ebimasamasa byakulembera Falaawo eri okufa, n'okuzikirizibwa kwa Misiri, eggwanga lye, n'okuva ku olwo teriddangamu ndasi ne leero.

68 Awo w'oli. Tunuulira *kino*, ofa. Tunuulira ekyo, obeera mulamu. Kale, ggwe kola okusalawo. Ekyo ky'ekintu ky'ekimu Katonda kye yateeka mu maaso ga Adamu ne Kaawa mu lusuku lwa Edeni. Mulaba? Olw'okukkiriza olina okukola okusalawo kwo.

Kaakati weetegereze, okulaba kwakulembera Falaawo eri okufa kwe, n'eri okuzikiriza kw'ekibuga kye.

Musa n'okukkiriza kwe, teyatya Falaawo. Mulaba? Teyafaayo ku kiki Falaawo kye yayogera. Nga tafaayo eri Falaawo, oba nnyina ne kitaawe batye okutiisa kwabwe. Musa bwe yali akakasiddwa mu ye, nga ye yali omuntu oyo ow'okununula Misiri...oba ow'okukulembera Isiraeri okuva mu Misiri, teyafaayo ku kiki Falaawo kye yayogera. Teyatiisibwa lwa Falaawo. Amiina, amiina, amiina! Mulaba kye ntegeeza? [Ekibiina kiddamu nti,"Amiina." -Omuk.]

Mu kukkiriza temubeeramu kutya. Okukkiriza kukimanyiiko. Okukkiriza nga bwe mbaddenga njogera bulijjo, kulina ebinywa eby'amaanyi, n'ebyooya ku kifuba. Okukkiriza kwagamba nti, "Bunira!" era buli omu n'abunira. Ky'ekyo kyokka. Anti "Mmanyi wa we ndi!" Abasigadde ku bo bagamba nti, "Kale, oba oli awo akikola." Mulaba?

Naye olina okuyimirira olage ebinywa byo. Ky'ekyo kyokka. Okukkiriza kwe kukikola.

69 Weetegereze, Katonda bwe yamala okukakasa okuyitibwa kwa Musa, teyaddamu kutya Falaawo. Musa bwe yakkiriza nti yali ayitiddwa olw'ekyo, naye Katonda bwe yamugambira engulu eyo, nti ,"Bwe kiri kityo," n'akkirira n'akiraga mu maaso ga Falaawo, n'abalala ku bo, nti yali atumiddwa okukikola, Musa teyatiisibwa Falaawo nate.

Weetegereze, Falaawo yakozesa amagezi ge ku Musa. Tunula. Yagamba nti, "Nkubuulire ki, nja-nja kukola endagaano awamu naawe." Ebibonyoobonyo nga bimaze okubalya n'alyoka agamba nti, "Nja kukola endagaano naawe. Kale, mugende musinze naye si nnyo, ennaku ssatu. Ezo ze muba mumalayo, wabula temusussaawo." Naye, mumanyi e… Mulabe obwo bwe bwali obusimu bwa Falaawo obwamugamba ekyo, mulaba, nti, "Mugende, naye temugenda wala."

Tetulinawo kintu bw'ekityo ne leero? "Bwe weegatta ku kkanisa, ekyo kirungi.

70 Naye, mumanyi, okukkiriza Musa kwe yalina, kwali tekukkiririza mu ddiini ya "si-wala." Yamugamba nti, "Fenna tugenda. Tugendera ddala. Ekyo bwe kiri. Ffe tugenda mu nsi nsuubize. Tetugenda kuva wano kugenda wali kukolayo kibiina kya ddiini, ate tumale tulekere awo. Tugenda n'okuyitiramu ddala." Amiina. "ŋŋendera ddala mu nsi ensuubize. Katonda ye Yatusuubiza."

Tulina ba Falaawo bameka abayimiridde mu kituuti leero nga bakulembeze ba bibiina by'amadiini! "Kale, bw'okola obukozi *kino n'ekyo*, n'okola na *kiri* ekyo kimala bumazi. Kale, laba awo wamala." Wabula Musa yagamba nti, "Oh, nedda! Nedda, nedda! Nedda, nedda!" Mulaba?

Falaawo yagamba nti, "Kale, lwaki nedda? Bwe muba mugenda kuba n'ekika ky'eddiini ng'ekyo, nja kubabuulira eky'okukola, ggwe awamu n'abakadde mwekka, mulaba. Ggwe n'bakadde mugenda musinze. Ggwe n'abakadde mugende musinze. Kubanga mmwe musobola okuba n'eddiini efaanana bw'etyo. Naye temukiyingiza mu bantu."

71 Omanyi kiki Musa kye yagamba? "Tewali wadde n'ekigere ky'ente ekigenda okusigala. Tugendera ddala obutadda. Fenna tugenda! Siva wano okutuusa nga bonna bagenze. Kasita mba nga nkyali wano, ndi mu mikono gyo." Amiina. "Sisobola kugenda okuggyako nga nabo bagenda era ky'ekyo kyokka." Oh, Omuweereza ow'amaanyi oyo! Amiina. "Njagala kubatwala awamu nange. Lwakuba nga nkirina, kye nva ntuula wansi ne njogera nti, 'Kale, kaakati, *kino* kirungi'? Nedda, ssebo. N'abantu tubaagala. Buli omu ku ffe agenda." Amiina. Yagamba nti, "Tetugenda kuleka mabega wadde endiga, oba ekintu kyonna,

emabega. N'ekigere ky'ente tetugenda kukireka. Fenna tugenda mu nsi ensuubize.” Amiina!

“Buli omu ku ffe! Oba mukazi wa waka, oba oli mu-mukozi omutono, oba oli mukazi mukadde, oba omuvubuka oba omusajja omukadde, oba oli ani, mu buli ngeri tugenda fenna. Tewali n'omu ku ffe agenda kusigala.” Amiina. “Buli omu ku ffe agenda, era tewali kye tugenda kuyimiriza.” Ekyo bwe kiri. Abange! Amadiini ago gaali mu kukubaganya birowoozo, si bwe kiri? Oh, abange!

Nedda, bino byo wano Musa teyabikkiririzaamu eddiini ya “si-wala.” Nedda eyo teyagikkiririzaamu. Huh-uh. Yee, ssebo. Oh, abange!

Ekyo tusobola n'okukimalako olunaku lwonna, wabula nteekwa okugenda ku ky'okuyigako kyange mbuulire oluvannyuma lw'akaseera.

72 Weetegereze, kino kyetegereze, nga kirungi! Oh, kino nkyagala. Mumanyi, eky'enkomerero Falaawo yagamba nti, “Mufulume!” Katonda yamukuba ebibonyoobonyo, n'eddoboozi lya Musa. Yakuba buli kintu. Yakola buli kintu ekyali kisoboka okukoleka. Yayimiriza…yazikiza enjuba, wakati mu lunaku. Na buli kintu yakikola. Ennaku ya-yazifuula ekizikiza. Yaleeta ebikere, enkukunyi, ensekere, na buli kintu kyonna, omuliro, omukka, n'okufa eri famire ze, na buli kintu kyonna. Yakola buli kintu okutuusa, Falaawo bwe yalina okugamba nti, “Mufulume!” Mutwale byonna bye mulina era mugende. Oh, abange! Mukama agulumizibwe!

Ndi musanyufu nti omuntu asobola okuweereza Katonda mu bujjuvu okutuusa, Setaani bw'abeera nga tamanyi na kyakumukola. Ekyo bwe kiri. Yagondera Katonda okutuusa setaani bwe yagamba nti, “Oh, abange munviire! Sikyayagala na kubiwulira ebyo.” Ekyo bwe kiri. Osobola okukikola ddala mu bujjuvu.

73 Mulabe kaakati, singa-singa ddala Katonda teyali mabega wa Musa, yali amaze okufuuka eky'okusekerera. Naye Katonda yaliwo awo butereevu, ng'akakasa. Buli kintu kyonna kye yayogera kyatuukirira.

Era Falaawo yalina okutwala ekifo kye, kubanga yali bisopu, nga bwe mumanyi, n'olwekyo ya-yalina okusigala awo. Nga tasobola kwegaana. Nga tasobola kugamba nedda kubanga byali bigenda mu maaso nga bibaawo. Mulaba? Teyasobola-teyasobola kukyegaana kubanga kyali kigenda mu maaso. Ekyasembayo kwe kugamba nti, “Oh, mufulume bufulumi! Ssaagala kuddamu kubawulira. Mufulume okuva wano! Mutwale byonna bye mulina, era mugende!” Oh, abange!

74 Wano tuzuula Musa, nti Mukama bwe yali amaze okumukolera ebisinga obungi, era ng'amaze okumulaga obubonero bungi n'ebyewuunyisa. Kaakati, mu ddakiika ekkumi n'ettaano eziddako, kino leka tukireke wano. Era tweetegereze bulungi. Musa ng'atuuse mu kifo we…

Katonda yali agambye nti, “ndi wamu naawe. Ebigambo byo ky'Ekigambo kyange. Mmaze okukikukakasa ggwe Musa. Ggwe, bwe wataali nsowera mu nsi, nga si kiseera kyazo, era wayogera, 'Leka wabeerewo ensowera,' ensowera zajja.” Okwo kwali kutonda. Ani asobola okuleeta enzikiza ku nsi, okuggyako Katonda? Ye Yagamba nti, “Leka wabeewo enzikiza,' era ne waba enzikiza. Wagamba nti, 'Leka wabeerawo ebikere,''' ebikere by'atuuka ne munju ya Falaawo, mu kitanda, ne bwe baabituuma awamu. Omutonzi! ”Era njogedde okuyita mu ggwe, Musa, era-era nfudde Ekigambo Kyange ekitonzi mu kamwa ko. Ekituufu, kiri nti nkufudde katonda mu maaso ga Falaawo.‟ Yee, ssebo. ”nkoze bino byonna.‟

Wano baabano nga batuuse mu kifo ekimu, ne wajja okugezesebwa okutono, Musa n'atandika okukaaba nti “Nnaakola ntya?”

75 Njagala mwetegereze. Lino ssomo kkulu nnyo wano. Mulabe, kino nkyagala. Mulabe Musa, bwe tusoma wano ddala nti Mu…Awo abaana bwe baatandika okutya, nga balabye Falaawo ajja abagoberera, wakati mu mulimu gw'obuweereza bwabwe.

Katonda yali akoze buli kintu nga kituukiridde. N'abasimbula mu lugendo lwabwe. Ekkanisa n'agikuŋŋaanya wamu. Bamaze okuyitibwayo. Bavudde okuva mu buli kibiina kya ddiini. Bonna ne bajja wamu. Musa n'adda emabega n'agamba nti, “Mukama nkole ki?”

Yandibadde agambye nti, “Kale, genda *okole* kino.” Kirungi, genda mu maaso. Kaakati, Musa, omanyi nnakuyita kukola kino.‟

“Yee, Mukama.”

“Kirungi, ggwe genda oyogere *kino*, era kijja kuba,” ziizino ensowera ne zijja. “Yogerera kino,” era nga wano kijja. “Kola kino,” wano ne kijja. Nga buli kimu kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Kale n'atuuka mu mutawaana.

76 Katonda n'agamba nti, “Kaakati Mmaze okubasimbula, olugendo lwabwe. Bonna bamaze okuyitibwayo. Ekkanisa eri wamu. Mbafunye mu lugendo lwabwe. Kaakati, Musa, baabo batwale.

Nkubuulidde eky'okukola. Ŋŋenda kutuula wansi, mpummuleko akaseera.

Musa yagamba nti, "Ai Mukama, laba Falaawo wuuyo ajja! Abantu bonna ba… Nteekeddwa kukola ki? Nteekedwa kukola ki ki? Mulabe awo, abo si bantu? Yee, ssebo. Atandika okukaaba, "Nteekeddwa kukola ki?"

Wano tulaba nga Musa mu kwoleka ng'ajjudde obutonde bw'omuntu, bulijjo ng'oyagala Katonda okubeera emabega wo, akusindiikirize mu kintu ekimu. Kale, ekyo kye tuli leero. Oyagala Katonda, oluvannyuma nga tulabye byonna bye tulabye, kyokka ng'oyagala Katonda akusindiikirize okubaako ky'okola. Mulaba?

Musa yanafuwamu, nga bw'agamba nti, "Katonda, nja kukubuuza, ndabe kiki ky'onoogamba. Weewaawo, Weewaawo. Kyogere. Kale, kirungi, nange nja kukyogera." Mukiraba?

Naye wano, Mukama yali amwawudde olw'omulimu, ng'amaze okumukakasa nti Yali wamu naye. Kale, kaakati, wuuno wano, embeera n'ejja, olwo ye n'atandika okukaaba. "Nkole ki? Mukama kiki kyemba nkola?"

77 Kaakati mujjukire, yali amaze okulagula wano, kuba yagamba nti, "Abamisiri be mulaba leero, temuliddamu kubala nate." Ate mu mangu ddala, n'atandikirawo okukaaba, nti "Katonda, tukole tutya?" Mulaba? Nga ddala amaze okukola omulimu omulungi, nga mulungi ddala, bwe yalagula awo wennyini. Mulabe ng'amaze okubagamba ekyali kigenda okubaawo. Bwe kiba ng'Ekigambo kya Katonda kyali mu ye, ddala kyali mu ye. Era bwe yali ng'ategeeza ekyo, mazima kyamala ne kituukirira. Kye yagamba kyali kya kutuukirira, kyokka wuuno wano ate ali mu kukaaba nti, "ŋŋenda kukola ki?"

Oh, oyo bw'aba nga ssi ye muntu! Oyo bw'aba nga si ye nze! Oba nga si nze! Mulaba?

Yali yamaze dda okumukakasa, buli ky'onooyogera kijja kuba. Ndi wamu naawe."

Wano embeera n'egolokoka mu kaseera akatono ennyo. "Kiki kye nteekeddwa okukola? Mukama kiki kye nteekeddwa okukola? Owaaye, Mukama, oli ludda wa? Owange, ompulira? Nnina kukola ki?" Ate nga Yali yamwawula dda, ng'amukakasizza, era nga buli kimu Akikoze okuyita mu ye. Era wano, "Katonda?" Oh, abange! ng'ayolesezza ddala, omuntu bulijjo ayagala nnyo okuwummula aleke Katonda amusindiikirize okukola.

78 Wabula nga ate yali amanyi nga Katonda yali amufuseeko amafuta olw'omulimu guno, okugukola, nga Katonda era amaze n'okukakasa bye yali ayogedde. Kyali kiseera ky'abantu okununulibwa. Katonda, okuyita mu by'amagero n'ebyewuunyisa Bye, yali abakuŋŋaanyizza bonna mu kibiina kimu. Mungoberera? [Ekibiina kiddamu nti,"Amiina."-Omuk.] Yabaleeta bonna mu kibinja kimu, nga bw'akakasa bye yali ayogedde. Ebyawandiikibwa bwe bigamba bityo; wano waaliwo akabonero, nga n'obukakafu buli awo ddala, ku buli kye yali ayogedde. Olwo n'alyoka ajja mu makkati gaabwe nga nnabbi. Na buli kye yayogera, Katonda Yakissaamu ekitiibwa, okutuuka n'okutonda okuleeta ensowera, ng'aleetera ebintu okubaawo. Na buli kintu kye yali amusuubizza, wano yakikola.

Wabula yali ayagala okulindirira ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mulaba? Yandibadde ategedde nti okukakasibwa kw'okuyitibwa kwe kwali ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Omulimu gwe gwe yayawulibwa gwali eri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Musobola okukifuna? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina. -Omuk.] Hum! Lwaki yalina okulinda ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA?

79 Yayagala, "Mukama nnaakola ntya? Abaana baabano, mbaggyeeyo era mbatuusiza wano. Embeera yiino, Falaawo ajja. Bonna bagenda kufa. Kiki kye nteekwa okukola? Nteekeddwa kukola ki? Hum! Hum!

Yali amaze okuteebereza kye baali bagenda okukola. Yali ategeezezza ddala, eky'okukola. Yalangirira enkomerero y'eggwanga lyennyini mwe yakuzibwa. Leka ndowooze nti mubitegeera. [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina. -Omuk.] Mulaba? Musa yali amaze okugamba nti, "Abo temuliddamu kubalaba nate. Katonda agenda kubazikiriza. Babasekeredde ekimala n'okubajerega. Katonda agenda kubazikiriza." Yali amaze n'okuteebereza ekyali kigenda okubatuukako.

Olwo, "Mukama, nteekeddwa kukola ki?" mulaba? Olaba awo obutonde bw'omuntu? Mukiraba? "Nteekeddwa kukola ki? Ŋŋenda kulindirira ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Yee, ssebo. "Nja kulaba kiki Mukama ky'agamba, olwo nja kukikola." Huh!

Jjukira, mumanyi nti wajjawo Falaawo eyasituka ataamanya Yusuufu, mu kiseera ekyo kyennyini. Olaba? Mulaba? Era Musa, n'ayimirira butengerera, n'alangirira ekyali kigenda okubeera ku ggwanga eryo.

80 Kale, ng'ekiseera kino yali butereevu mu kifo kino mwe byalina okutuukiririra, ky'ava akaaba nti, "Mukama, nteekeddwa kukola ki? Nteekeddwa kukola ki?" mulaba? Abo si bantu? Obwo si butonde bwa muntu? Nnaakola ntya?" Huh!

Yali yamaze dda, okulagula. Katonda yali amaze okussaamu ekitiibwa buli kye yali ayogedde, yali

ayitiddwa okukola omulimu, kale, lwaki yalina ate okugamba nti, "Nteekeddwa kukola ki? Waaliwo obwetaavu; kyali kiri gy'ali okwogera eri embeera. Katonda yayagala Musa okuteeka mu nkola ekirabo ekyo eky'okukkiriza, kye Yali amuwadde. Katonda yali Akikakasizza. Gaali mazima. Katonda n'ayagala Musa, yayagala abantu bategeere nga Katonda yali ne Musa.

Awo nno, ng'ali emabega eyo ng'alindirira, nga bw'agamba nti, "Kaakati, Mukama, ndi mwana muto. Ggwe mbuulira." "Weewaawo, nja kugenda nkole *kino*. Nnina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." "ow'Oluganda, ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.?"

"Yee, yee," ow'Oluganda Musa, ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Weewaawo."

"Kale, tukirina kaakati, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Kyabaawo. Tewali kyalemererwa wadde akaseera akamu. Tekyalemererwako.

Wuuno wano mu mbeera, nga zizze nate. Engeri gy'emusanzeemu mu kkubo. Ekkanisa emaze okuyitibwayo, embeera n'ebasanga mu kkubo, nga balinnyalinya. Musa n'alyoka atandika okukaabira waggulu nti, "Mukama kino kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA? Kiki kyenteekeddwa okukola? Ekyo bwe kiri.

81 Mukama yayagala Musa abe n'okukkiriza, kwe yali Amutaddemu, mu kirabo kye Yali amalidde ddala okukakasa. Katonda Yali amalidde ddala okulaga Musa n'abantu nti Yali Ye, n'Ekigambo na buli kintu ekyayogerwa ate ne kituukirira. By'alabikira ddala. Kyali tekikyamwetaagisa ye okweraliikirira ku kikwata ku kyo. Mulaba? Nga tekimwetaagisa kulowooza kintu kyonna ku ekyo, kubanga kyali kimaze okuteereezebwa. Ebintu bino yali amaze okubikola. Era ng'amaze okukikakasa, n'ensowera n'enkukunyi, bwe yayogera ebintu okubitonda, anti n'Ekigambo kya Katonda kyali mu ye.

N'olwekyo wuuno wano agenda okubuuza kiki ekyali eky'okukola, awo ng'embeera zimwekiise mu maaso ge. Mulaba? Oh, abange!

Leka nsuubire nti kino kiyingiridde ddala munda yaffe, tusobola n'okulaba wa we tuli kaakano. Olaba? Ekyo tekikuleetera muli okwewulira ng'ogezze? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.] Bw'olowooza ku Musa nga twogera ku nsobi ze ne tunuulira n'ezaffe. Weewaawo. Olaba?

82 Wuuno wano, ng'ayimiridde awo, ng'alaba n'okumanya nti Ebyawandiikibwa byayogera ku ssaawa n'olunaku kino okusobola okubeerawo, ate ng'amanyi nti Katonda yali amusisinkanye mu Mpagi y'Omuliro. Ate n'eserengetera ddala eyo mu maaso g'abantu n'ekola n'ebyamagero bino. Na buli kye yayogera ne kituukirira, n'okutuuka okutonda ebintu bino. Ng'akola ebintu nga Katonda yekka y'Asobola okubikola, ng'alaga nti eddoboozi lye lyali lya Katonda.

Kaakati, embeera yali wano n'abantu bano, be yali ayimusizza okutwala mu nsi ensuubize, ng'ate wuuno ayimiridde akaaba nti, "Nteekeddwa kukola ki nze? Oyo ye muntu, ayagala obwagazi…

Ng'Ow'oluganda Roy Slaughter, nzikiriza ng'atudde wabweru w'oluggi awo, olumu yaŋŋamba ku muntu eyalina ky'ankola. Ne ndyoka njogera nti, "Kale, nnakola *kino*, era kaakati ky'ekyo."

Yagamba nti, "ow'Oluganda Branham, baleke leero, bakwesigameko ku kibegaabega, enkya ojja kubeetikka." Bw'atyo omuntu bw'ali. Beesigama ku kibegaabega kyo leero, ate enkya n'obeetikka.

Ekyo Musa kye yali akola. Katonda yalina okumusiba, bwe yamala okumwawula n'okumukakasa. Abantu bateekwa okuba nga baayogera nti, "Musa yogera ekigambo. Nnakulabye bwe wabadde okikola eri. Katonda yakisizzaamu ekitiibwa eyo, ate era ggwe omu ne leero." Amiina. Mulaba? "Kikole!" Amiina. Yandikitegedde ekyo, naye teyakitegeera. Ekyo bwe kiri. Naya nga bwe kyali luli, bwe kiri ne kaakano. Ekyo tukizudde. N'olwekyo, "Mu…"

83 Mukama ayinza okuba nga kyamutuuka. Katonda ayinza okuba nga yeenyiwa. N'agamba nti, "Lwaki onkaabirira? Simaze okukweyabiza nzenna? Ssaakugamba nti nkutumye lwa mulimu ogwo? Kino si kye nnakulagira okukola? Ssaakisuubiza nti kino nja kukikola; nti era ndibeera wamu n'akamwa ko, era nga ndyogerera mu ggwe ate era nga ndikola kino, ggwe olyoke oyolese eby'amagero n'ebyewuunyisa. Ssaakisuubiza okukikola kino? Sikoledde ddala byonna n'okusaanyaawo buli mulabe yenna abadde akwetoolodde? Kaakati laba wano w'oyimiridde ku Nnyanja Emmyuufu, wakati mu mulimu gwennyini, gwe nnakugamba okukolera ddala, ate n'obeera ng'okyaleekaana nga bw'onkaabirira. Tonzikiriza? Ggwe tosobola kukiraba nga nkutumye kukola kino?" Oh, oyo bw'aba nga si ye muntu! Owange! Bwe kityo, Ayinza okuba nga yatuuka n'akikutamwa.

84 N'agamba nti, "Omanyi nga okyetaaga. Okimanyi nti bw'oba ogenda kutwala abaana bano mu nsi ensuubize. Ekyo bwe kiri ddala. Ozingiddwa mu nsonda wano. Tewaliiwo kirala kyonna ky'oyinza kukola. N'olwekyo awo we wali ekyetaago. Onkaabirira ku ki? Onoonyeza ki? Ompitira ki? Sikikakasizza eri abantu? Sikikakasizza gy'oli? Si nze akiyise? Sikyawandiikibwa? Si nze eyasuubiza okutwala abantu bano mu nsi ensuubize? Bwe nnakuyita Ssaakugamba nti nja kukikola? Bwe nnakuyita Ssaakugamba nti nkutumye kukikola, nga tewali ggwe wabula Nze? Nga Nnali wa kuserengeta naawe era mbeere n'akamwa

ko nga buli ky'oyogera Nnali wa kukikakasa era Nkyoleke. Sikikoze?

“Olwo, lwaki buli kantu akatono lwe kajja weeyisa ng'omwana omuto? Oteekwa okuba omuntu omukulu. Yogera eri abantu,” amiina, “olwo ate ogende mu maaso!” Amiina. Awo we muli. “Tokaaba. Yogera!” Amiina. Oh, ekyo nkyagala. Kale, lwaki onkaabirira? Yogera bwogezi eri abantu ogende mu maaso n'ekigendererwa kyo. Kyonna kye kiri, ne bwe buba obulwadde, oba kyonna kye kiri, okuzuukiza abafu, oba kyonna kye kiri, yogera! Mmaze okukikakasa. Yogera eri abantu.“

85 Nga ssomo! Nga ssomo, oh, abange, ku mutendera nga guno mu lugendo we tuyimiridde. Tunula olabe wa we tuli kaakati, yee, ssebo, ku Kusika okw'okusatu. Weetegereze, tuli butereevu wano ddala ku luggi, olw'okujja kwa Mukama.

Yali afukiddwaako amafuta olw'omulimu, ng'ate akyalindirira ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukama ateekeddwa okuba nga yatuuka n'abikoowa. Kye Yava agamba nti, “Toddamu kukaaba. Yogera! Nnakutuma.”

Ai Katonda, kiki Ekkanisa eno ky'eteekeddwa okuba enkya ya leero! N'okukakasa kwa Mukama okutuukiridde, n'Empagi ey'Omuliro, n'obubonero n'ebyamagero, nga buli kimu kiringa bwe kyali mu nnaku za Sodoma. Yagamba kijja kukomawo.

Ensi yiino wano mu mbeera yaayo. Eggwanga liirino wano mu mbeera yaalyo. N'abakazi baabano wano mu mbeera. Abasajja baabano wano mu mbeera. Ekkanisa yiiyo wano mu mbeera. Na buli kintu kiikyo awo, ebigenda mu maaso, obubonero, ebisowaani ebibuuka eby'omu bbanga, na buli kintu kyonna mu bbanga eky'ekyama, n'okuwuluguma kw'ennyanja, amayengo, omutima gw'omuntu nga gulemererwa, okunyigirizibwa kw'ekiseera, ennaku wakati w'amawanga, ng'ekkanisa egwa.

86 N'omuntu w'ekibi agolokoka, eyeetwala waggulu wa buli kintu; ekiyitibwa Katonda, oyo atudde mu Yeekaalu ya Katonda, nga bwe yeeraga, oh, abange, era ng'azze mu ggwanga lino. Ekkanisa nayo yeetegese, nga zonna zikuŋŋaanye wamu, ng'abenzi eri nnyaabwe omwenzi, nga buli kimu kiri mu mbeera ya bugwagwa.

Obugwagwa kye ki? Nga bagamba abakazi nti basobola okusalako enviiri zaabwe, nga bagamba abakazi nti basobola okwambala ebinu, nga bagamba abasajja nti basobola okukola *kino* na *kiri;* n'ababuulizi, bakola kino, Enjiri eya bulijjo na buli kimu. Tolaba nga kwenda ku Kigambo kya Katonda eky' Amazima!

Era Katonda atutumidde Ekigambo Kye ekituufu, nga si kya bibiina by'amadiini, nga tekirina bukwakkulizo, n'Atuwa n'Empagi y'Omuliro, Omwoyo Omutukuvu abadde naffe kaakati okumala emyaka asatu. Era na buli kintu kyonna ky'alangirirde era n'ayogera, nga kituukirira nga bwe kiteekeddwa.

87 Yogera eri abantu, leka tugende mu maaso. Amiina. Tulina ekigendererwa, ekyo nga ky'Ekitiibwa. Leka tugende ku ekyo. Twolekedde ensi nsuubize. Anti “Ebintu byonna biyinzika eri akkiriza.” “Yogera eri abantu, Sikikakasizza. Ekifaananyi Kyange tekirabiddwa mu mmwe, na buli kimu, ne nkola buli ekibadde kirina okukolebwa, okukukakasa nti Ndi wamu naawe? Amawulire, wiiki eziwedde, tegaakiwandiika bwe wayogerera wano ku kituuti kiki ekyali kigenda okubeerawo ebweru eyo, emyezi esatu bwe kyali nga tekinnaba, ne kigenda mu maaso ne kikakasibwa nga kibeerawo? Ne Ssaayansi akimanyiiko. Na buli kintu kye Nkoze, era okyalindirira. Yogera eri abantu ogende mu maaso n'ekigendererwa kyo.” Amiina.

Nasani teyagamba Dawudi? Nasani nnabbi, lumu ng'atudde eyo, ng'alaba Dawudi kabaka omufukeko amafuta, n'agamba nti, “Kola byonna ebiri mu mutima gwo, kubanga Katonda ali wamu naawe.” Yagamba Dawudi nti, “Kola byonna ebiri mu mutima gwo. Katonda ali wamu naawe.”

88 Yoswa yali afukiddwaako amafuta okutwala ensi ku lwa Katonda n'abantu be. Olunaku lwali lumpi. Yali yeetaagayo ekiseera ekirala olw'omulimu gwe yali ateekeddwa okukola ogwali gumulagiddwa. Yoswa, omuntu, ng'afukiddwako amafuta. Katonda yamugamba nti, “Nga bwe nnali ne Musa, bwe naabeeranga naawe.” Amiina. “Ensi eyo ŋŋenda kugibawa bo. Era njagala ggwe ogende osaanyeewo Abamereki bonna n'Abaki… Na bali bonna, Abafirisuuti, Abaperezi, na bona ab'enjawulo, bonna bamaleemu. Ndi wamu naawe. Nja ku…tewali muntu agenda kuyimirira mu maaso go, ennaku zonna ez'obulamu bwo. Tewali agenda kukuwa buzibu. Ggwe genda mu maaso eyo.” Awo Yoswa n'alyoka asikayo ekitala n'ayogera nti, “Mungoberere!”

Bwe yatuuka eyo, ng'alwana. Kaakati ekyo kyali kiki? Yasimbuliza omulabe. Baaliwo nga batono *wano*, nga na *wali* batono. Ng'ekiseera ky'ekiro bwe kijja, nga bakuŋŋaana wamu kibinja nga bajja okumwetooloola n'amaanyi gy'ali. Ate n'enjuba yali egolooba. Ate nga ye akyetaaga Ekitangaala ekimala. Enjuba yali egwa. Teyagwa ku maviivi kugamba nti, “Mukama Katonda wange, nnaakola ki? Nkole ntya?” Yayogera! Yalina ekyetaago. Yagamba nti “Njuba, yimirira awo!” Talina gwe yakaabira. Yalagira nti, “Njuba, yimirira awo! Nnina ekyetaago kya kino. Ndi muweereza wa Mukama, eyafukibwako amafuta, era nnina ekyetaago. Yimirira, toddamu kwaka…Mwezi naawe yimirira wennyini awo w'oli,” okutuusa olutalo lwe nnwana nga luwedde nga mmaze okukuba buli kintu kyonna. Enjuba yamugondera.

89 Teyakaaba. Yayogera eri enjuba nga bw'agamba nti, "Ggwe yimirira awo. Njuba, yimirira awo! Mwezi yimirira awo wennyini w'oli." Teyakaaba nti, "Mukama, kaakano nkole ki? Nnyongera Ekitangaala." Yalina obwetaavu bw'ekitangaala, kye yava alagira, n'enjuba n'emugondera. Oh, abange! Yalagira enjuba okuyimirira.

Samusooni ng'afukiddwako amafuta, yagolokoka, ng'ayawuliddwa Katonda, aweereddwa ekirabo eky'amaanyi, yali ayawuliddwa okuzikiriza amawanga g'Abafirisuuti. Yazaalibwa ku nsi ng'ayawuliddwa, nga Katonda Amufuseeko amafuta, okuzikiriza Abafirisuuti. Olunaku lumu baamukwatira mu nnimiro nga talina kitala kye, nga talina ffumu. Abafirisuuti abo baali lukumi nga baalina eby'okulwanyisa ne balyoka bamugwira omulundi gumu. Yagwa wansi okugamba nti, "Ai Mukama, nnindirira kwolesebwa? Ai Mukama, nteekwa kukola ki? Ndagirira eky'okukola"? Yamanya nga yalina obwetaavu. Teyalinawo kintu kyonna wabula oluba lw'endogoyi enkadde, n'akuba Abafirisuuti bonna. Amiina.!

Teyakaabira Mukama. Yakozesa ekirabo kye ekyaliko amafuta. Yamanya nga yali atumiddwa okukola omulimu ogwo. Yamanya nga yazaalibwa lw'ekyo. Yamanya nga yafukibwako amafuta ku kirabo, n'alyoka akuba Abafirisuuti lukumi. Teyakaabira Katonda. Katonda yamwawula ate n'amukakasa nti ye yali, olw'ebintu bye yali akoze. Era yali muweereza wa Katonda eyali ayawuliddwa ng'ate afukiddwaako amafuta, okuzikiriza Abafirisuuti era n'akikola. Sinsonga mbeera ki eyaliwo, ye yakikola. Talina kye yasaba. Ogwo gwe gwali omulimu gwe. Nga Katonda yali akolera kuyita mu ye; n'alyoka akwata eggumba ly'endogoyi n'alikubisa Abafirisuuti. Engeri…

90 Lwaki, olukuba lumu, ku omu ku bo, ku yiiki emu n'ekitundu ey'akawanga akaalinga ekikomo lw'andikutuddekutudde ago amagumba mu bulere ng'akakadde kalamba. Kyokka yakuba lukumi, ate n'abatta n'asigala ng'akyayimiridde nalwo mu mukono gwe.

Teyabuuza kibuuzo kyonna. Teyakaaba. Yayogera. Yabawangula. Oh, abange! "Twala Abafirisuuti, mbatwale Abafirisuuti Mukama? Mukama mmanyi nga wantuma kugukola. Yee, Mukama, mmanyi nti nga wantuma kusaanyawo ggwanga lino ery'Abafirisuuti. Kaakati bano wano lukumi lulamba banneetooloodde, ate sirina kye nnina. Kiki, Mukama kaakano ŋŋenda kukikola ki?" Oh, abange! Tewaaliwo kimweraliikiriza. Afukiddwaako amafuta olw'omulimu. Tewaliiwo kigenda ku kukosa. Nedda, tewali n'ekimu. Aleeruuya! Yakwata bukwasi ekyo kye yalina n'akibakubisa. Ekyo bwe kiri.

91 Omulabe bwe yamusibirayo, nga bwe bagamba nti, "Tumufundizza munda mu bisenge, era kaakano tumulina. Tumufundizza wano munda n'omukazi ono. N'oluggi tumaze okuluggala, na buli wantu wonna, tasobola na kufuluma. Tumunywezezza."

Samusooni teyakaaba nti, "Ai Mukama, laba banzingiriza mu kibiina ky'eddiini kino." Huh! Anti "Uh, ŋŋenda kukola ntya? Nange nneegasse wamu nabo. Nnaakola ntya?" Teyakola bw'atyo?

Yafuluma bufulumi, n'asikambulamu oluggi olwa wankaaki, n'alukuba ku bbega, n'agenda nalwo. Amiina! Yali afukiddwaako amafuta olw'omulimu. Yayitibwa Katonda. Tebasobola kumusibira munda. Nedda, nga tekisoboka! Yafuluma n'enzigi. Teyakisabira nako. Teyabuuza Mukama okukikola oba obutakikola. Kyali butereevu mu mulimu gw'ateekeddwa okukola. Amiina, amiina, amiina! Wakati mu mulimu gw'ateekeddwa okukola. "Lwaki onkaabirira? Yogera, weyongereyo!" amiina! "Tonkaabirira. Yogera!" Yalekera awo okunyiiziira n'okwemulugunya. Oteekwa okuba omuntu omukulu, era oyogere. Ekyo bwe kiri. Yamanya ng'ekirabo kye ekyaliko amafuta kyali kisobola okukuba buli Mufirisuuti eyamuyimirira mu maaso. Amiina.

92 Naye ekyo, mulabe nga tetukimanyi. Tukyali bawere nga tuli na ku nywanto za bucupa.

Ye yakimanya, yamanya nti Katonda yamugolokosa lwa kigendererwa ekyo, nga tewateekwa kubaawo kintu kyonna kiyimirira mu maaso ge, ennaku zonna ez'obulamu bwe. Nga tewali kisobola kumuzikiriza. Yagolokosebwa lwa kigendererwa ekyo, nga Musa bwe yali. Tewali kigenda kumuyimiriza. Wadde Abamereki oba ekintu kyonna ekisobola okumuyimiriza. Yali mu kkubo erigenda mu nsi ensuubize. Samusooni yamanya nga yali ku luguudo lwennyini.

Yoswa yamanya nga yali agenda kutwala ensi. Yali akakasiddwa. Ekigambo kya Katonda kyali kikisuubizza, nga n'Omwoyo Omutukuvu yali awo ng'Akikakasa.

93 Yali ku luguudo lwe, nga tewali na kyali kisobola kuyimirira mu kkubo lye. Nedda, ssebo. Wakati mu mulimu gw'ateekeddwa okukola awamu ne Katonda, nga tewali kyali kisobola kuyimirira mu kkubo lye. Yasitula enzigi n'azissa ku bbega nga zizitowa ttani nga nnya oba ttaano, n'azambusa olusozi waggulu era n'azituulako. Tewali kigenda kuyimirira mu kkubo lye. Yalina ekirabo ekifukiddwaako amafuta okuva ewa Katonda. Nga tekimwetaagisa kukaaba, nti, "Mukama, kaakano nkole ki? Yali yafukibwako amafuta okukikola. Kyali BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, "Baggyeewo!" Aleeruuya! "Baggyeewo! Nnakuyimusa lwa kigendererwa ekyo." Amiina.

"Nkole ntya nze? Uh, wano ku Nnyanja Emmyuufu ŋŋenda kukola ki?"

"Ssaakugamba nga Nnakuwa olusozi engule eno ng'akabonero? Okomawo ku lusozi olwo era ogenda kutwala abaana bano mu nsi. Ssaakuyitira kigendererwa ekyo? Lwaki weeraliikirira olw'ebyo eby'ekiise mu kkubo? Yogera otandike n'okutambula!" amiina era amiina! "Weewaawo, nnakuyita lwa kigendererwa kino."

94 Dawudi, yamanya nga yali afukiddwaako amafuta, ate nga kyali kikakasiddwa nga muteebi mulungi. Yakimanya nga baali bakimanyi nti muteebi mulungi. Dawudi yaliko amafuta. Yakimanya. Kale, bwe yayimirira mu maaso ga Goliyaasi, teyakaaba, nti, "Ai Katonda, nkole ntya kaakano? Lindamu, nteekwa oku… Mmanyi bye mwakola mu biro ebyayita. Ggwe waŋŋanya ne nzita eddubu era n'onsobozesa okutta empologoma. Ate Goliyaasi ono wano? Huh! Ekyo teyakikola yayogera bwogezi. Yagamba ki? Ojja kuba nga bwe baali mu maaso go." Yayogera n'agenda mu maaso.

Teyasaba ssaala. Talina kye yawaayo. Yamanya ng'aliko amafuta. Amiina. Yali afukiddwaako amafuta ate n'envuumuulo ye yakakasa ekintu kyennyini ekyo, yalina okukkiriza mu mafuta ge yalina. Yalina okukkiriza nti Katonda yali asobola okulagirira ejjinja eryo, okugendera ddala mu buyungiro bw'ekikoofiira ekyali ku mutwe, nga kye kyali ekifo kyokka eky' okukuba. Ye yali ayimiridde awo.

95 Yeemanya okubeera omuteebi omulungi. Amiina. Yamanya nga Katonda yamukola bw'atyo. Amiina. Yamanya nga yali yatta dda empologoma, yamanya nga yatta eddubu, naye ekyo kyali ku bintu bya kitaawe ow'oku nsi. Wano ali ku bintu bya Kitaawe ow'omu Ggulu! Amiina. Teyakutama kugamba nti, "Nteekwa… Kale, kaakano Mukama nkole ki? Yayogera nga bw'agamba nti, "Ogenda kuba ng'empologoma n'eddubu, era nzuuno wano." Amiina! Ekitiibwa kidde eri Katonda! Yee, ssebo. Yayogera n'agenda mu maaso okusisinkana Goliyaasi. Oh, abange!

Ng'oggyeeko bwe yali yenkana! Yali muto, omuntu alabika obulala nga bwe mumanyi. Teyali munene. Nga si mulungi kutunulako, nga kalabika kasajja kattu kakoowu. Baibuli egamba nti yali mumyufu. Kale, ng'oggyeeko n'enkula ye bwe yali yenkana n'obusobozi bwe okubaako ky'akola.

Omanyi bisopu yamugamba nti, "Kale, labayo mutabani, omusajja mugezi mu by'essomero ly'eddiini. Labayo mulwanyi. Yazaalibwa nga mulwanyi era ye…Abaddenga mulwanyi, okuva mu buvubuka bwe; era tomugyamu." Ne baganda be ne bagamba nti, "Oh, ekyo ky'okola kya mputtu. Ggwe okuvaayo, mbu okole ekintu ng'ekyo, Yanguwa odde eka."

Ekyo tekyamuyigula ttama. Lwaki? Yamanya nti yaliko amafuta. "Katonda eyamponya empologoma, Katonda eyamponya okutaagulwa eddubu, asinga nnyo ku ekyo, era Ajja kundokola eri Omufirisuuti ono. Nzuuno nzize. Nkwaŋŋanga mu Linnya lya Mukama Katonda wa Isiraeri." Amiina. Teyasaba kuyita mu; yali yamaze dda okusaba. Katonda nga yamusabira dda nga n'emisingi gy'ensi nga teginnabaawo. Yaliko amafuta olw'omulimu. Yalina okwogera ate agende mu maaso. Ekyo kye yalina okukikolera kyokka, kwogera bwogezi n'ogenda mu maaso. Oh, ekyo kye kyaliwo kyokka ku kyo. Oh! Teya…

96 Ku baganda be ab'ekibiina ky'eddiini, nga bwe mumanyi, nga n'abasekerezi bayimiridde awo. Oh, yee. Nga bayimiridde awo nga bwe baseka, n'okujerega nga bagamba…Baganda be, baali awo nga bwe bagamba nti, "Ah, ah, ah tosobola. Oli wa mputtu buwuttu." Ekyo tekyamuterebula wadde akatono. "Oyagala okwefuula ow'ekitalo okusinga omulala. Oyagala kweraga bwerazi." Bwe kuba ng'okwo kwali kweraga bwerazi, kyandibadde kituufu. Wabula baatunuulira ku luuyi lw'amagezi amasome kwokka.

Dawudi yamanya ng'amafuta gaamuliko. Amiina. Ekyo tekyamukolera njawulo yonna. Yagamba nti, "Nzuuno wano nzize, Omufirisuuti ono abe ng'eddubu era ng'empologoma." Yakitebeereza nga tekinnabaawo. Yakola ki? Yatta eddubu. Yatta empologoma. Yakuba empologoma n'e…Na ki? Ne-n'envuumuulo, n'akwata omwambe n'azzaako eddubu. Empologoma, yatta empologoma n'omwambe. Bw'atyo bwe yakola Goliyaasi. Yamukuba n'ejjinja n'agwa wansi, olwo n'alyoka amusikamu ekitala kye, n'akimutemyako omutwe gwe kyennyini, mu maaso gaabwe. Kiki kye yalangirira nga tekinnaba kubeerawo? "Era ojja kuba ng'emu ku zo." Lwaki? Yayogera ekigambo ekyalina okuba ate n'agenda mu maaso okukituukiriza. Amiina. Oh, ow'oluganda! Yayogera, era ku olwo embeera n'agiwamba.

97 Bwe waba nga waali wabaddewo ekiseera omuntu wateekwa okwogerera, kye kino kaakati. Nga mmaliriza mu ddakiika ntono eziddako, bwe muba musobola okuguumiikirizaayo akaseera. Nninawo wano ebintu ebirala bye nnawandiise, Ebyawandiikibwa bye njagala okutuukako.

Peetero teyakaaba, bwe yasanga omusajja lumu eyalina okukkiriza okumala okuwonyezebwa, eyali agalamidde ku luggi oluyitibwa Olulungi, teyamala kiro kyonna ng'asaba, oba okusiiba ng'asaba, okusaba okunene nga kuwanvu nga bw'agamba nti, "Mukama, nsaba nti Onooyamba omusajja omunaku ono omulema. Ndaba ng'alina okukkiriza. Mmanyi nga mukkiriza. Era bwe mubuuzizza, ye n'a…Nze-nze-nze… Yagambye alina okukkiriza era ng'ajja na kukkiriza bye mmugambye. Mmutegeezezza ku…ku ebyo bye wakola. Kaakano, ndowooza bulowooza, Mukama nti…Osobola okumpaayo BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA we?

Nedda, yamanya nga yali mutume afukiddwaako amafuta. Yamanya nga Kristo Yesu yamutuma, nti, "Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga, mulongoosenga abagenge, mugobenga emizimu. Mwaweebwa

buwa, nammwe mugabirenga buwa." Yali alagiddwa.

98 Yagamba ki? Yagamba nti, "Mu Linnya lya Yesu Kriso!" Yayogera erinnya lya Yesu Kristo, omusajja bwe yali ng'agalamidde awo. N'alyoka amukwata ku mukono nga bw'agamba nti, "Yimirira ku bigere byo!" n'amuwanirira awo okutuusa obukongovvule lwe bwafuna amaanyi n'atandika okutambula. Lwaki? Teyamala kufuna kiro kya kusaba. Teyakaabira Mukama. Yali amanyi bulungi okuviira ddala mu kamwa ka Yesu Kristo, yali ateekeddwaako amafuta ku bw'omulimu guno. Weewaawo. Yayogera n'amusitula wansi, yali akimanyi nti yali mutume afukiddwaako amafuta ku lw'ekyo.

Abantu abaagalamira mu kisiikirize kye, tebaagambako nti, "Oh, Mutume Peetero jjangu wano, okaabe nga weegayirira ku lwaffe era otusabire essaala ey'okukkiriza eri Katonda." Nedda, nedda tebaayogera bwe batyo. Baali bamanyi nga yali mutume wa Katonda akakasiddwa ate aliko amafuta. Baagamba nti, "Mutuleke ffe tugalamire mu kisiikirize kye. Tewetaaga kubaako ky'oyogera. Tubimanyi. Tukikkiriza." Obulamu bw'abalimu! Omutume nga tasobola kubatuukako bonna, kyokka nga bennyini baali kitundu ku kyo.

99 Musa yagamba nti, "Sinze agenda. Fenna tugenda." Fenna tulina eky'okukola. Ate fenna tulina okufukibwako amafuta.

Ne balaba ng'omutume oyo ayimiridde awo, ne bamulaba ng'awonya omusajja omulwadde, ng'akola n'ebintu bye yakola. Baamanya nga tasobola kubatuukako. Ne bagamba, tebaayogera mbu "Bambi Peetero jjangu otuweeyo essaala, era olindirire ku BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, omale ojje ombuulire. Olabe, Mukama bw'agamba." Baagamba nti, "Singa tusobola okugalamirako mu kisiikirize kye kyokka, kuba Katonda yennyini eyali mu Yesu Kristo ali mu ye, era tusaba ekintu ky'ekimu nga kikola. Bwe batyo bwe baakwata ku kyambalo kya Yesu ne bagalamira mu kisiikirize kye, Yesu Ali mu musajja ono. Kasita ekisiikirize kye kitukomako, tujja kuwonyezebwa."

Baibuli egamba nti na buli omu ku bo n'awonyezebwa. Tekwali kusaba kwa kuyita mu kiro nga bw'agamba nti, "Mukama bwe nnaagenda ne ngalamira mu kisiikirize ky'omutume ono?" Nedda, baali bakimanyi. Ekitangaala kyali kibaakidde. Omutima gwabwe nga gujjudde. Okukkiriza kwabwe nga kusumulukuse. Amiina. Baakikkiriza. Baali bakirabyeko. N'obutambaala bwa Pawulo nabwo mu ngeri y'emu.

Nga tumaliriza.

100 Yesu teyakaaba, bwe baamuleetera omulenzi omulalu eyalina ensimbu, ng'agwa ne mu muliro. Teyagamba nti, "Kitange ndi mwana wo, ate laba wantuma wano okukola ekintu gundi ne gundi ne gundi. Mponye omwana ono?" si bwe yagamba. Yagamba nti, "Setaani, mufulumemu!" Yayogera n'omulenzi n'aba bulungi.

Bwe yasanga eyaliko ekinywa ky'emizimu, okwali emizimu enkumi bbiri, Yesu si yeyakaaba wabula emizimu gye gyakaaba nti, "Bw'oba ng'ogenda kutugoba okumufulumamu," oh, abange, nti, "tuleke tugende mu ggana ly'embizzi."

Yesu teyagamba nti, "Kaakati Kitange, kino nsobola okukikola?" Yagamba nti, "Mumufulumemu," n'emizimu ne gidduka. Mazima yali amanyi nga yali Masiya.

101 Ku ntaana ya Lazaalo, bwe yali amaze ennaku nnya ng'afudde. Bo baagamba, Mukama, kale singa wali wano, teyandifudde."

Yagamba nti, "Nze kuzuukira n'Obulamu." Amiina! So si nti ddi, wa, atya. "Oyo anzikiriza newankubadde ng'afudde aliba mulamu." Amiina. Yali amanyi kiki ky'ali. Yamanya kye yali. Yamanya nga ye yali Emanweri. Yamanya nga ye yali kuzuukira. Yamanya nga yali Bulamu. Yamanya nga mu Ye mwalimu Obulamba bwa Katonda. Bwe yalaba abantu abo awo, era nga yali amaze okulaba ekyo Katonda kye yali amugambye okukola, era nga Wuuyo awo. N'aserengeta eyo.

Teyagamba nti, "Mulindeeko kaakati, nja kufukamira wano. Mwenna mufukamire tusabe." Yagamba nti, "Mukkiriza nti nsobola okukola kino?" Amiina. Ekyo kye Yasaba.

Teyali Ye, baali bo. "Weewaawo, Mukama, nzikiriza nti Oli mwana wa Katonda eyalina okujja mu nsi." Oh, abange! Wuuyo ng'alagiddwa. Waali wateekwa okubaawo ekibaawo.

"Lazaalo Vvaayo!" Yayogera n'omuntu omufu n'avaayo. Si nti "Nze nkikole?" Yayogera bwogezi. Okukkiriza bwe kwasisinkanibwa, ekintu kyabaawo.

102 Ayogera, Yayogera omuzibe n'alaba, omulema n'atambula, kiggala n'awulira, emizimu gyaleekaana nga bwe givaamu, abafu ne bazuukizibwa, na buli kintu. Lwaki? Teyabeerawo ng'asaba. Yali Masiya omufukeko amafuta. Ye yali Masiya. Yamanya nti Yali. Yamanya ekifo Kye. Yali amanyi kye baamutumira okukola. Yali amanyi nga Kitaawe yali amwawudde n'amukakasa okubeera Masiya, eri omukkiriza. Kale, bwe Yasisinkana omukkiriza oyo n'okukkiriza, Yayogeranga bwogezi Kigambo. Ba setaani ne basaasaana. Yee, ssebo. "Yogera! Tokaaba. Yogera!" Amiina.

Era Yamanya n'eddembe eryamuweeba Katonda. Naye ffe tetumanyi. Yamanya kiki kye yali. Ffe tetumanyi.

Musa yali yeerabidde. Samusooni yategeera. Abalala baategeera. Yoswa yategeera. Musa yeerabira. Katonda yalina okukimujjukiza. Yagamba nti, "Lwaki onkaabirira Nze? Nnakusindika kukola mulimu. Yogera, era weyongereyo ku kigendererwa kyo. Nnakugamba nti olina okukomawo ku lusozi luno. Abaana batwale obakulembere. Yogera bwogezi. Sifaayo kiki ekiri mu kkubo lyo, kiggyeewo. Nnakuwa obuyinza okukikola. Nnayogera…Wayogera ensowera n'ebivu, n'obutonzi na buli kintu bw'ekityo. Kale, lwaki okuba ebiwoobe gye ndi? Lwaki ojja gye ndi ng'okuba ebiwoobe olw'ebintu bino. Yogera era olabe nga bwe bivaawo. Ekyo kimala." Oh, abange! Nga nkyagala!

103 Wano, buli Yesu kye yayogera, Yayogeranga Kigambo, era bwe kyali. Katonda yali Amutongozza ng'amulaga nti Mwana we nti, "Ono ye Mwana wange, gwe njagala, gwe nsanyukira, mumuwulire."

Mwetegereze. Kino nkyagala. Obuvumu, n'engeri gye Yayimirirangamu mu maaso g'abo abaamuwakanyanga. Amiina. Yagamba nti, "Mumenye Yeekaalu eno, nange ndisaba Kitange, okulaba kiki ky'anagikolako?" "Mumenye Yeekaalu eno, nja kugiyimusa nate mu nnaku ssatu." So si nti "Nsuubira okukikola; nja kugezaako okulaba." Nti "Nja kukikola." Lwaki? Ebyawandiikibwa bwe byayogera.

Ekyawandiikibwa ky'ekimu ekyayogerwa nti Ajja kuzuukiza omubiri Gwe, naffe kituwa obuyinza, n'Amaanyi. Amiina! "Mu Linnya lyange, banaagobanga emizimu, banaayogeranga ennimi empya; bwe banaalinnyanga ku misota oba ne banywa ekintu ekitta kyonna, tekiibakolenga kabi konna; bwe bannassanga emikono ku balwadde nabo banaawonga."

Lwaki onkaabirira? Yogera era ogende mu maaso! Oh, n'obuvumu nze…

"Mumenye Yeekaalu eno, Nja ku gizuukiza nate." Oh!

104 Jjukira kaakano (nga tumaliriza), Ye yali Ye yennyini. Ye yayogera mu Yokaana 14:12, nti…"*Oyo anzikiriza, emirimu gye nkola aligikola naye."* Si bwe kiri? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina." -Omuk.] Ye yayogera bw'atyo.

Yali Yesu mu Makko 11:24 eyagamba nti *"Bw'oligamba olusozi luno," si nti bwe mulisaba olusozi luno.* "bwe muligamba olusozi luno, 'Sigulibwa', nga Tobuusabuusa mu mutima gwo, naye n'okkiriza nti ky'oyogera kigenda kukolebwa, Oliba n'ekyo ky'ogambye." Kale, ggwe bw'oyogera ng'olinga ageereesa oba ateebereza, tekijja kubeerawo. Naye bwe wabaawo ekintu mu ggwe, ekyo ky'oli-ng'ofukiddwaako amafuta olw'omulimu, era n'omanya nti kwe kwagala kwa Katonda okukikola, n'omala n'okyogera, kirina okubaawo. "singa…"

Ye Yeyayogera kino, nti, "Bwe mubeera mu nze n'ebigambo byange bwe bibeera mu mmwe, musabe kyonna kye mwagala kinaabakolerwanga." Oh, abange! Mulaba kye ntegeeza? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."-Omuk.]

105 Munsonyiwe olwa kino, kizze mu nze. Nnina okukyogera. Ye Yeyayogera engulu eyo ku lunaku luli mu kibira nti "Tolina kya kuyigga." N'atonda bukaamuje busatu mu maaso gaffe. Kyali kiki? Kwogera bwogezi Kigambo n'ogamba nti, "Wabeerewo *awo*, *n'aw*o ne *wali,"* era ne bubeerawo. Yali Ye eyakikola.

Charlie Rodney, yali Ye emmanga eyo mu Kentucky; era Nellie, Margie, n'abasigadde ku mmwe. Yali Ye Katonda Oyo omu, eyali emabega eyo ng'Ayogera ne Musa nga bw'agamba nti, "Lwaki onkaabirira Nze? Yogera ekigambo!" Yali Ye eyabuleetera okubaawo. Ye mwene. Ddala Ye. Oh, abange!

Yali Ye eyampa okwolesebwa omwaka nga mulamba oguyise, eyagamba nti, twali baakugenda eyo, n'Envumbo zino musanvu, nga bwe-bwe waalina okubaayo okubwatuka okwalina okukitandika era nga ky'alina okubeera mu kikula kya piramiidi. Era awo n'olupapula lwa Look...Life magazine lwa kiwandiika, nga kiwanikiddwa ku kisenge eyo. Yali Ye eyayogera ekyo.

106 Yali Ye, ekiro ekyo, bwe nnali nserengeta emmanga eyo mmale nsange essota eryali linaatera okulya muganda wange. N'agamba nti, "Ggwe ompadde…Oweereddwa amaanyi okugusiba, n'emirala gyonna." Yali Ye eyayogera ekyo.

Eri mukyala wange kinviinvi atudde emabega eyo: Yali Ye amakya agamu, eyangolokosa mu kisenge, ng'ayimiridde mu nsonda nga bw'agamba nti, "Totya kukola kintu kyonna, oba okugenda awantu wonna, oba okwogera ekintu kyonna, kubanga Okubeerawo kwa Yesu Kristo okutalemererwa kuli wamu naawe buli gy'onoogendanga."

Yali Ye engulu eyo mu Sabino Canyon, emyezi ng'esatu egiyise, bwe nnali nga nsaba, nga bwe nneewuunya ekyali kigenda okubeerawo. Nnali nnyimiridde awo, ekitala ne kigwa mu mukono gwange, n'ayogera nti, "Kino ky'Ekitala kya Kabaka." Yali Ye.

Yali Ye eyaŋŋamba nti, "Nga bwe nnali ne Musa, nnaawe bwe nnaakutumanga.

107 Yali Ye eyaŋŋamba emyaka asatu egiyise, emitala eyo ku mugga nga nkyali kalenzi kato. Nga nnyimiridde ng'omubuulizi omuto, ku mugga, emyaka asatu, bwe nnali nnyimiridde eyo Ekitangaala, Empagi y'emu ey'Omuliro, bwe yava mu Ggulu n'ekka n'eyimirira awo n'agamba nti, "Nga bwe nnasindika Yokaana Omubatiza okukulembera okujja kwa Kristo okwasooka, obubaka bwo bugenda kukulembera okujja okw'okubiri," eri nsi yonna. Kyandibadde kitya omusumba wange yennyini bwe yaseka era n'okujerega? Wabula ky'ali ddala mu ngeri eyo. Yee, ssebo!

Oh, nga Yali Ye bwe yayogera mu bunnabbi, okwolesebwa, "Awo olulituuka." Yali Ye eyagamba nti, "Omuntu mu mmwe bw'alagulanga, oba n'alaba okwolesebwa, n'akyogera, ne kimala kituukirira; awo mujjukiranga nti oyo si ye wabula Nze. Ndi wamu naye." Oh, abange! Nga nnandisobodde okweyongera ne njogera nti yali Ye, yali Ye, yali Ye!

108 Yali Ye eyakka wansi, bwe nnabagamba nti Empagi ey'Omuliro yasse ku mugga nga tebasobola kukikkiriza. Yali Ye emmanga eyo mu bantu abangi Omubuulizi Omubaputisiti mu maaso g'abantu emitwalo esatu ekiro ekyo mu Sam Houston Coliseum, we bakuba ekifaananyi kya Malayika, ng'ayimiridde awo. Yali Ye oyo omu jjo, leero n'emirembe gyonna.

Yali Ye eyayogera ebintu bino ebyalina okubeerawo. Yali Ye eyayogera kino. Yali Ye eyakola ebintu bino. Y'Omu jjo, leero n'emirembe gyonna. Akoze ebintu byonna nga bwe yagamba nti bwe Yalina okubikola. Amiina.

Lwaki nnindiriza? Katonda Akikakasizza Ekigambo Kye. Ge Mazima. Leka twongere okutambula. Leka tutambule. Leka tugenda mu kutambula kwa Mukama, nga tussa ku bbali okubuusabuusa kwonna, ebibi byonna. Tulongoose ennyumba, tugitukuze, nga bwe tugikuuta.

Ng'okwolesebwa kwa Junior Jackson bwe kwagamba nga tewaaliwo kisigaddewo okuggya ettabaaza; ekirooto kye, bw'aba ng'ali wano. Nga tewali kisigalidde wabula ettabaaza, nga zaalina zzaabu okwetooloola ebikondo, mu kirooto kye yampa ekiro kya luli. Oh, abange!

109 Ow'oluganda Collins, teweeraliikirira n'ekyennyanja ekyo. Kyali kyeru. Wali nga tomanyi ngeri yakukikwatamu.

Weeyambule buli ekikontana na kyo. Mujjukire gano Mazima, nga oggyeko engeri gye kifaananamu nga eky'obuzoole, na buli kimu kyonna. Genda bugenzi mu maaso nakyo. Y'Omwoyo Omutukuvu. Katonda y'Omu eyazuukiza Kristo Yesu okuva mu bafu, y'Omu asobola okwogera ebintu ne bibaawo, y'omu Oyo eyaliwo mu biseera bya Musa, y'omu ne leero.

Okuyita kwe mu lunaku luno olusemba, kukakasiddwa anti "Nga bwe byali mu nnaku za Sodoma, bwe bityo bwe biriba mu kudda kw'Omwana w'omuntu. Bibaddewo…Emmanga eyo kaakati Sodoma. Waliyo Billy Graham ne Oral Roberts ebweru eyo. N'ekkanisa eri mu kweyongerayo, n'obubonero bwe bumu bwe Yasuubiza mu bifo by'ombi. Era buubwo awo. Yali Ye eyabyogera.

Ai Mukama Mpa obuvumu, y'essaala yange. Nnyamba, Ai Mukama Katonda. Nnina okuva wano. Obudde buyise.

110 "Lwaki onkaabirira? Lwaki onkaabirira, nga mmaze okukakasa nti Nnaabeeranga naawe? Siwonyezza abalwadde bo," Yandibadde agamba? "Ssaakugamba bigenda kubeerawo nga bwe bibaddewo? Omusumba wo tasobola kukola kino. Nze? Tasobola; muntu. Nze, Mukama," Yandisobodde okwogera nti, "Nze nnakola kino, Nze mubuulira eby'okwogera. Si ye. Ddoboozi lyange. Abantu bo bwe bafa Nze mbazuukiza. Nze mponya abalwadde. Nze ntegeeza ebigenda okubaawo. Nze nkola okulokola. Nze ngaba ekisuubizo.

Katonda Mpa obugumu okutwala ekitala ky'Ekigambo ekyo kye Yateeka mu mukono gwange emyaka asatu egiyise, nkinyweze nga bwe ntambula okwolekera okusika okw'Okusatu, eyo y'essaala yange.

Leka tukoteke emitwe gyaffe tusabe.

111 Kitaffe ow'omu Ggulu, essaawa eyongera okuggwaayo, wabula Ekigambo kyongera kufuuka kya muwendo. Nga bwe tulaba, Mukama ng'okubeerawo kwa Kristo okutalemererwa kiseera ku kiseera kweyongera okukuŋŋaana awamu naffe. Nga Nkwebaza nnyo olw'obulungi bwo! Engeri gy'otutalizza, ne gye tubadde…gy'otuwaddemu omukisa, nga tukwebaza!

Nga bwe nkute obutambaala buno mu mukono gwange, Mukama abantu be balina okukkiriza, era nga bakkiriza kino. Leka buli setaani, buli ndwadde eve ku bantu. Na buli mwoyo oguli munda wano; nga mubi ogutali gwa Katonda, buli mwoyo ogw'endwadde, endwadde n'okunyigirizibwa. Tetugalamidde mu kisiikirize kya muntu, ekitandibadde na mutawaana, naye tuli kisiikirize ky'Enjiri, eyo akakasiddwa.

Ng'Empagi y'Omuliro ey'amaanyi etambula okudda ennyuma ng'ate bw'evaayo mu kizimbe muno, eyo yennyini Katonda gye yatunuuliramu Abamisiri ku nnyanja Emmyuufu, esobole okwetegula, Abaisiraeri ne basobola okuyitamu. Naye kaakati bw'aba ng'atunuulira, wali okumansirwa n'Omusaayi gw'Omwana We mu kisa n'okusaasira. Leka tubeere ab'eggonjebwa. Leka olwa leero tulekere awo, okukaaba. Leka

tutegeere nti otuyitidde omulimu guno eno y'essaawa. Nkyogera mu Linnya lya Yesu Kristo, leka buli ndwadde eve mu kifo kino

112 Leka buli musajja na buli mukazi, akowoola erinnya lya Yesu Kristo, baweeyo obulamu bwabwe bupya leero. Mukama, nange obwange mbuwaayo, ku Kyoto ky'okusaba. Nneeteeka wansi, n'ekiswalo ekingi gye ndi, nga nsulise omutwe gwange ku ttaka mwe wanzijja. Mukama Katonda wange, nswadde nnyo olw'obunafu bwange n'obutakkiriza bwange. Mukama bunsonyiwe. Mpa obugumu. Fenna tuwe obugumu.

Mpulira nga Musa, nga fenna tuli mu kkubo wabweru. Nga Tetwagala kubaako gwe tuleka. Mukama buli omu twagala okumutwala. Babo. Mbasaba ku lulwo. Mukama abantu bano Bawe omukisa leero. Kikkiriza. Era Kitaffe mpa omukisa, wamu nabo, n'erinnya Lyo linaagulumizibwa. N'Ekitiibwa kijja kuba kikyo. Tuwe okukkiriza kuno okuttaggwaawo Mukama, nga bwe twewaayo gy'oli kaakano.

113 Nze, ku Baibuli eno ne ku kusalawo kuno, Mukama nkuwa obulamu bwange. Nneesigamye ku buli kisuubizo ky'owa. Mmanyi bijja kukakasibwa. Mbimanyi nga Mazima. Mpa obuvumu okwogera Ebigambo bino. Mukama mpa obuvumu. Ndagirira mu bye nnaakola ne bye nnaayogera. Mukama nkwewa, n'ekkanisa eno wamu fenna, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Okukkiriza kwange…gy'Oli

Ggwe Omwana gw'endiga gw'e Kalivaaliyo,

Omulokozi ow'Obwa Katonda;

Mpulira kaakano nga nsaba,

Twala ebibi byange byonna.

O, leka okuva olwa leero

Mbeere wuwo nzenna!

Kale, leka tuyimirire, mu kasirise, nga bwe tulumuumuunya [ow'Oluganda Branham n'ekibiina batandika okumuumuunya *Okukkiriza kwange kutunuulidde Ggwe*-Omuk.]

…gy'Oli,

Ggwe Omwana…

Leka tuwanike emikono gyaffe gy'Ali kaakati.

Ai Omulokozi…

Weeyawule eri Katonda kaakati

Mpulira kaakati nga bwe nsaba

Ggyawo okubuusabuusa kwange,

O, leka okuva ne leero

Mbeere wuwo nzenna!

114 Kaakati fenna, nga n'emikono gyaffe giri waggulu [Ekibiina baddamu essaala eno nga bagoberera ow'Oluganda Branham-Omuk.] Yesu Mukama, [Yesu Mukama,] kaakati nze [kaakati nze] nnewaayo gy'Oli, [nnewaayo gy'Oli,] obulamu obw'okuweereza, [obulamu obw'okuweereza,] nga ndi mulongoofu nnyo, [nga ndi mulongoofu nnyo,] nkaabirira okukkiriza okusingako, [nkaabirira okukkiriza okusingako,] nze [nze] mbeere omuweereza akkirizibwa okusingako [mbeere omuweereza akkirizibwa okusingako] mu bulamu bwange obujja, [mu bulamu bwange obujja,] okusinga nga bwe mbadde [okusinga nga bwe mbadde] mu bulamu bwe mpiseemu. [mu bulamu bwe mpiseemu.] Nsonyiwa obutakkiriza bwange [Nsonyiwa obutakkiriza bwange] era otuddize [era otuddize] okukkiriza [okukkiriza] okwaweebwa omulundi ogumu eri abatukuvu [okwaweebwa omulundi gumu abatukuvu.] nnewaayo gy'Oli [nnewaayo gy'Oli] mu Linnya lya Yesu Kristo. [mu Linnya lya Yesu Kristo.]

Kaakati nga tukotese emitwe

gyaffe.

Nga ntambulira mu bulamu

bw'ekizikiza

Nga n'ennaku enneetoolodde

nzenna

Beera Omuluŋŋamya wange;

Lagira enzikiza ekyuke leero,

Nnaaza okutya kwange

kuveewo,

Era toŋŋanya okubula.

Okukuvaako.

115 Nga tukotese emitwe gyaffe kaakati. Owulira g'obubaka bw'enkya bukukoze bulungi? [Ekibiina kiddamu nti "Amiina."] kukuwadde obuvumu ["Amiina."] wandiwanise ku mikono gyo eri Katonda nga bw'ogamba nti, "Katonda Nkwebaza." ["Katonda Nkwebaza."] nange emikono gyange gyonna giri waggulu, kubanga mpulira nga Kunnyambye, kumpadde obuvumu.

Ebintu ebimu bye nnayogedde nnabadde simanyi nti nnaabyogera, naye bimaze okwogerwa. Kubadde kunenya gye ndi. Neesanze mu kkubo lye mbadde sirowooza nti mwendi, nange nnasanze nga gunsinze okukaabanga buli kaseera, mu kifo kyokwogera.

Katonda nnyamba okuva mu ssaawa eno, nsobola okubeera omuweereza wo eyeeyawudde okusingako.

Sseesabira nzekka. Nammwe mbasabira, fenna ng'omubiri gwa Kristo, abayitiddwa okuva mu nsi, okweteekerateekera ensi ensuubize, Katonda ompe obuvumu okwogera ekkubo, mulongoose ekkubo, musobole obutabulwa we muyita. Mbabuulira olw'ekisa kya Katonda, nja kugoberera ebobulambe bw'Ebigere Bye ebijjudde Omusaayi, oyo eyatukulemberamu.

N'omusaalaba guno ogwawuddwa

nja kwetikka

Okutuusa kufa lwalindeka.

Olwo ŋŋenda Eka, nnyambale

engule,

Waliyo engule eyange.

Kitaffe, tukuwa Bino, okwewaayo mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana Wo. Amiina.

116 Ow'oluganda atandika okwogera mu nnimi [Ebbanga ejjereere ku lutambi. -Omuk.]

Twebaza Mukama olwa kino. Tambulira mu bulamu obweyawudde ddala. Weweeyo eri obuwoomerevu, n'obw'etowaze. Tambulira mu Mwoyo. Tambula, yogera, yambala, weeyise ng'Omukristaayo omukkakkamu era omuwoomerevu. Tokkiriza ku mulundi guno okulemererwa. Eddoboozi lya Katonda lyogera okuyita mu Kigambo, okuyita mu birabo. Ekirabo ekimu bwe kijja, n'omulala akikozesa, ekirabo ekirala ne kijja, nga kyoleka ekintu ky'ekimu. Kakasa nga kiri ddala n'ekigambo ate era butereevu wamu n'essaawa. Katonda Ali wamu naffe. Nga tumwebaza nnyo olw'ekyo! Kale, singa ebyaffe…

N'emitwe gyaffe tukyagikotese, Mwannyinaffe bw'aba asobola okutunyigira amapeesa ga

Twala erinnya lya Yesu,

Ng'engabo eri emitego gyonna;

Okukemebwa nga kuzze okukwetooloola,

Erinnya lyogere bwogezi

mu kusaba.

Naye kola ekyo, yogera ekigambo, yogera erinnya Lye. Leka tuyimbe kaakati nga tusiibulwa

Twala erinnya lya Yesu,

Ng'engabo…ow'ennaku,

Linaakuleetera essannyu n'okukubudaabuda,

Oh, litwale buli gy'ogenda.

Erinnya nga ddungi...

Leka tusikaganeko mu mikono fekka na fekka nga bwe tugamba nti, “Nja kukusabira ow'Oluganda nange nsabira.”

…Ggulu

Erinnya lya muwendo, Erinnya nga ddungi!

Ssuubi lya nsi n'essanyu…

Kaakano ng'emitwe tugikoteseeko, leka tuyimbe ekitundu kino.

Twala erinnya lya Yesu,

Ng'engabo eri emitego gyonna

Okukemebwa kwonna nga kuzze okukwetooloola,

Lyogere mu kusaba.

Erinnya lya Yesu,Erinnya nga ddungi!

Ssuubi lya nsi n'essanyu

lye Ggulu

Erinnya lya Yesu, nga ddungi!

Ssuubi lya nsi ssannyu lye Ggulu

117 Ng'emitwe gyaffe tugikoteseeko awamu n'emitima gyaffe nga tutegeera nga Yesu yagamba nti “Oyo awulira Ebigambo byange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina Obulamu obutaggwaawo era talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu.” Nga tumanyi nti olw'ekisa kya Katonda ebyo tubinyweza mu kifuba kyaffe; n'okwewaayo gy'Ali enkya ya leero, obulamu bwaffe bunaakyuka, okuva olwa leero n'okweyongerayo, era tubeere n'endowooza ennungi. Tujja kusobola okubeera mu bulamu obwo obuwoomerevu ate obukkakkamu nga tukikkiriza nti bwe tusaba Katonda agenda kubuwa buli muntu. Era tetujja kwogerera bu bannaffe, wadde eri omuntu yenna. Tujja kusabira abalabe baffe, era tubaagala, tukole bulungi abo abatukola obubi. Katonda ye mulamuzi w'omutuufu n'omukyamu. Ne…

Ku musingi gwa kino, ng'emitwe gyaffe tukyagikotese, ŋŋenda kusaba mukwano gwaffe omulungi, ow'Oluganda Lee Vayle, bw'aba ng'anaasiibula ekibiina, n'essaala. Ow'oluganda Vayle.

MESSAGE hub online

www.messagehub.info

Byabuulirwa

William Marrion Branham

"...mu nnaku z'eddoboozi..." Kub. 10:7